# *Okuyigiriza Ku Musa*

Kale. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Neville. Mwasuze mutyanno, ab'emikwano. Wabaawo lwe kinneetaagisa okwekaliriza ennyo okusobola okumanya oba budde bwa ku makya oba bwa kawungeezi. Kale, ndi musanyufu okubeera wano enkya ya leero. Waliwo akabugumu, era nammwe munnyanirizza n'okwagala. Wano tetukyabeera na kiseera eky'ebiro eby'okusiga; tulina budde bwa musana na butiti, si bwe kiri? Buli kintu kirabika nga ekyatabanguka, mu ngeri emu oba endala.

2 Kati, ekindeetedde okukeerewa, mba—mbadde nnongoosa nnyumba. Ate omubiri gubadde gukakanyadde nga nnakanyama annuma. Kati nnagolokose bukyali, naye mbadde sikimanyi nti omukazi abeera n'emirimu egyo gyonna, balina okuteekateeka abaana basatu basobole okugenda mu Ssande sukuulu. Ha, bannange! Babeera n'emirimu mingi nnyo, okusinga bwe mbadde ndowooza. Era nnagambye nti, "Kale, kati . . ." Akawungeezi ka jjo nnabadde nkola, naye—naye na—nnakomyewo okuva mu kubuulira enjiri nsobole okuyambako okulongoosa ennyumba, ndowooza. Bannange, si kizibu okufuna omukozi? Hum! Nnawaayo ddoola asatu mu ttaano buli wiiki eri omuntu asobola okulabirira omwana, ne watalabika akkiriza kukikola.

3 Waliwo eyawandiika ku nsonga emu mu lupapula lw'amawulire ebbanga si ddene eriyise. Weewaawo, kino tekikwata ku nsonga eno. Yagamba yali wano, nga munnabyabufuzi erudda wano mu Kentucky, n'agamba nga bwe yaliko mu magye emirundi ebiri, yakubibwa ebisago emirundi esatu, nga omuzira, yeeyisa nga munnansi omulungi mu kitundu mwe yali abeera, yakola ebintu bingi, yataasa obulamu bw'abaana babiri, omu yamujja mu mugga ate omulala yamujja mu kintu kirala, nneerabidde n'ebirala bye yakola. Era oluvannyuma n'alowoozaamu nti, kati, balina okukuuma omuliraano nga mulungi, n'ayagala yeesimbewo. Naye bwe yeesimbawo, ku bantu lukumi, yafuna obululu butaano. N'asaba omuserikale w'ekitundu ekyo oba nga asobola okumufunira basitoola emuyambe asenguke asegulire ab'omuliraano ogwo, yagamba nti, "Kyali na kya bulabe okubeera okumpi n'ekibuga." Teyalina na mikwano giwera giyinza kumuyamba kusenguka kuva mu kibuga. Naye, Abamerika bwe batyo bwe booleka okusiima kwabwe, si bwekiri? Bwe kiri. Mu Amerika, gy'okoma okukola, gye bakoma okukusuubira okweyongera okukola. Bwe kiri, bongera kukusuubiramu bingi.

4 Kati, njagala okutuusa okusiima kwange enkya ya leero olw'engeri ekkanisa gy'eri ennyonjo n'okulabika

obulungi. Era bwe mbadde nnyingira, wali baayongeddewo omulyango ogw'okuyambako okuyingiza empewo ennungi. Kale ekyo kirungi nnyo, oyo yenna ali ku kakiiko k'abayima eyakiwomyemu omutwe okubeera nga kikolebwa. Ekyo mazima ddala kyabadde kirungi nnyo, era mulimu ogw'ettendo. Ndowooza Ow'oluganda Hall, ye yakikoze bwe mba ssiwubiddwa. Ogwo mulimu mulungi nnyo.

5 Kaakati, obudde bugenze, naye mumanyi abantu abagoberera obutukuvu bwe babeera. Mukiraba, tetuba na budde bugere buli awo, tuba nabwo, Ow'oluganda Slaughter, Ow'oluganda Deitsman? [Ab'oluganda n'abalala bagamba nti, "Nedda."—Omuk.] Buli kintu tukikola nga bwe tuba tuluŋŋamiziddwa.

6 Twalina enkuŋŋaana ennungi ennyo mu Bukiikaddyo! Naye ennaku ntono ezaakayita we nsobodde okubuulirira. Nnabuulira okumala emyezi ena, nga ssiwummula, eddoboozi lyange ne lisaakaala ne—ne ntuuka n'okuba nga sikyasobola yadde okwogera akaama. Nnawenyanga buwenya ku mukyala wange, nga bwe mumanyi, bwe nnabanga nnina kye njagala, era kirina engeri gye. . . Ate bwe nnakomawo, ne nkomawo wano mu mbeera y'obudde eno etategeerekeka gye tubadde nayo, (we bubeerera, obw'obunnyogovu olwa leero ate enkeera akasana ne kabookya), ate ne nkwatibwa ssennyiga omubi ennyo. Kale mbadde nnakafunamu ku lungubanguba, ennaku ntono eziyise, okuddamu okuyimirira. Kale, naye twebaza Mukama omulungi, olw'obulungi Bwe bwonna n'okusaasira kwe gye tuli, ne—n'engeri gy'Abadde omulungi. Twalina enkuŋŋaana ennungi ennyo emmanga eyo, era Mukama yatuwa omukisa omuyitirivu ennyo, ogw'omuyiika.

7 Ate ekiro ekyakeesezza olwajjo, nga zinaatera okuwera ssaawa mukaaga ogw'ekiro, Ow'oluganda Wood yankubidde essimu nga ampita ŋŋende ewuwe, n'Ow'oluganda Arganbright ku ssimu, nga baagala nsimbule ŋŋende mu Switzerland. Kale, buvunaanyizibwa bwa maanyi nnyo eri omusajja omukadde.

8 Kale, kati, olukuŋŋaana lwaffe oluddako lujja kutandika nga 11 omwezi guno ogujja, ku Cadle Tabernacle mu Indianapolis. Ku—ku Cadle Tabernacle mu Indianapolis, okuva nga 11 okutuusa nga 15. Ate, bwe tunnaava eyo, tugende mu—mu Minnea-. . .Minneapolis; bwe tunaava mu Indianapolis tujja kugenda mu Minneapolis, mu lukuŋŋaana lw'Abasajja Abakristaayo Abasuubuzi.

9 Kaakati ndowooza Ow'oluganda Neville yansabye nzije, ate nga nange nnabadde njagadde okulaga. . .okwoleka okusiima kwange gy'ali n'eri ekibinja kya ba Neville eky'abantu abasatu abayimbira awamu abajja ne bayimba ku lwange ku mukolo guli ogw'okuziika, gwe nnabadde nagwo okwosa jjo. Era nnasabye Ow'oluganda Neville; tetwabadde na bayimbi bonna,

bwe twabadde mu maka ga ba Liddick; Mw. Liddick bwe yali atwaliddwa Eka mu Kitiibwa. Era mazima ddala na... mutabani we bw'aba, simulabawo wano; naye ate nnakizudde luvannyuma nti mwana gwe yakuza obukuza. Bwe yakitegeera nti kitaawe yali agenda kufa, naye ate nga si mulokole, yadduka n'ajja eka, nga ta... era kitaawe yalokoka bwe yali tannafa. Kale ekintu ekisinga obukulu omuvubuka oyo kye yakola, kwe kujja okubaako gw'ayita asabire kitaawe nga tannafa. Era ekibinja kya ba Neville eky'abantu abasatu abayimbira awamu bajja era ne bayimbira ddala bulungi nnyo.

10 Kale Ow'oluganda Neville yansabye oba nga nsobola okubuulira ku makya ga leero, wamu n'akawungezi. Kati omanyi, Ekyawandiikibwa kigamba nti, "Musabe bingi mulyoke..." Kale mu bintu ebyo Ow'oluganda Neville ayimiririra ddala mu Byawandiikibwa, mwennyini! Kale ŋŋenda kukola kyonna ekisoboka.

11 Kati, enkya ya leero ŋŋambye nti, nga bwe kiri nti Lunaku lwa ba Maama, era twagala twogereko eri—eri abaana abato. Nnalowoozezza nti ku makya ga leero kijja kuba kiseera kirungi eri—eri abaana abato. Kati ndowooza nti olunaku lwa maama...

12 Kati, tetumanyiiyo, kintu kyonna kirungi ku nsi, kisinga maama yennyini, owa nnamaddala. Katonda awe omukisa emmeeme ye ejjudde obuzira, maama ddala, yennyini. Naye leero tulina bangi abeeyita a—abayitibwa "maama," naye nga si ba maama; bakazi bukazi abalina abaana, naye nga si ba maama. Maama ow'enkola ey'edda y'oyo afaayo eri abantu b'omu nnyumba ye, n'atabeera mu kwetawulira mu bifo bino ebisanyukirwamu na mu ndongo, na mu bikeesa, nga afuuweeta sigala, n'okwekatankira omwenge, n'ebirala. Ow'engeri eyo tagwana kuyitibwa linnya eryo ery'ekitiibwa erya maama. Oyo abeera mukazi bukazi, kye kyokka, aliwo okukuza omwana; naye si maama, kubanga erinnya erya *maama* lirina amakulu agasukka ku ekyo. Kati ndo—ndowooza singa mu...

13 Kati, ku lw'Olunaku lwa Maama, nnandyagadde ntegeerekeke. Nange, nnina maama wange ow'omutwe ogujjudde envi alina w'atudde erudda awo. Era ndowooza nti, okubawaayo olunaku, kirungi; naye buli lunaku lulina kuba lunaku lwa ba maama, so si lumu lwokka mu mwaka. Era ensonga lwaki ebintu bino eby'Olunaku lwa Maama bigenda mu maaso kati...

14 Era ndaba tuliwo batono, era fenna tumanyiganye. Tuli ba waka, era eyo y'ensonga lwaki tugenda kwogera bwe tuti.

15 Ndowooza nti maama asaanye okussibwamu ekitiibwa mu ngeri y'emu buli lunaku, bwe kiri, maama yennyini. Era, naye ensangi zino luno lwe bayita Olunaku lwa Maama, terulina makulu gonna okuggyako okubeera olw'eby'enfuna ebitaliimu nsa, okunyunyunta ssente mu bantu. Era kiweebuula maama,

okufunayo lwe muyita Olunaku lwa Maama, lumu mu mwaka ne mugamba mbu, “Kale, wadde tetugendayo kumukyalirako, naye leka tumusindikire ekisaaganda ky’ebimuli binaamala.” Ekyo si kye kigwana maama! Bannange, kyewuunyisa! Maama yennyini ye mukazi gw’o . . . eyakukuza, era gw’oyagala, era gw’osisinkana n’onyumya naye ekiseera kyonna. N’omulaga bw’omwagala buli kiseera, so si lunaku lumu lwokka mu mwaka.

16 Naye nga sinnatandika ku kazannyo kange, nnandyagadde okulambika kino, n’okuzza obuggya . . . Abamu ku mmwe, waliwo bangi ku mmwe abafudde, bangi abagenze okuva kino lwe kyakolebwa. Gwali mwaka gwa 1933.

17 Mwalaba mu mpapula z’amawulire ebiro bitono ebyakayita omukazi oyo eyatta omusajja oyo? bwe yamusukuma okuva mu mmotoka n’agwa mu luguudo ate n’adda ekyennyumannyuma n’amulinnyalinnya n’emmotoka ye okutuusa lwe yamubetenta yenna ku luguudo. Ne bamubuuza, ba—ba looya n’abalala, ne bamubuuza nti, “Ekyo towulira nga kikusalira omusango mu mutima gwo?”

N’agamba nti, “Nze ne Katonda tukooye engeri abakazi gye bayisibwamu.” Huh! Weewaawo, omukazi oyo abantu bamukkiririzaamu. Bwe kiri. “Tukooye.” Eggwanga lino ligenda kutubira kwenkana wa? Nneewuunya, kinaatutwalira bbanga ki Katonda okutusalira omusango? “Nze ne Katonda”? Singa buli kya butumbaavu kye baali bapaatiika ku Katonda, kyali kituufu, Yandibadde takyali Katonda. “Nze ne Katonda”? Bannange! Katonda talina kakwate konna na bintu bya ngeri eyo. Nneewuunya bw’alibeera mu kutulugunyizibwa, oba alikirowoozaako atya? Ha!

18 Amerika! Kaakati mujjukire, kino bw’oba tewakiwandiika, kiwandiike. Kuno kwe kuteebereza kwange. Mukiraba? Mu 1933, bwe twalina enkuŋŋaana emmanga wano awaali, nzikiriza leero we wali ekizimbe ky’Ekkanisa ya Kristo, awaali . . . Waali ludda wano eno, Ow’oluganda Neville, emmanga wano. Charlie Kern we yabeeranga. Bakiyita . . . Mu maka gano awalabiririrwa enfuuzi ne bamulekwa ku Luguudo oluyitibwa Meigs. Mu 1933, nnali nnaakafuna emmotoka ey’ekika kya Ford ey’enkola eya 1933, era nnagiwongayo eri Mukama ku olwo ku makya. Era, bwe nnali sinnasimbula kuva waka, nnalaba okwolesebwa. Nkulina nnakuwandiika, ku lupapula olwa kyenvu ne kati lukyalimu mu Bayibuli. Nnalaba ebiseera by’enkomerero nga bijja.

19 Era, mmwe, bameka abasobola okujjukira emmotoka ey’omwaka gwa ’33 bwe yali efaanana? Ha, yali yakolebwa *bw’eti*, nga esitukamu emabega, n’efunda mu mbiriizi aw’okuteeka omupiira gwa sipeeya. Ne ndaba okwolesebwa, nti, “Nga Okujja kwa Mukama tekunnabaawo, emmotoka ziriba zifaanana nga eggi.” Bameka abajjukira okuteebereza okwo?

Waliwo omuntu yenna akyaliwo? Ow'oluganda Seward yafa. Era ndowooza . . . Gwali mwaka gwa 1933 lwe twalina enkuŋŋaana wano. Ndowooza kyenkana bonna kati bafudde baweddewo, okuva mu kiseera ekyo.

20 Era nnateebereza, ne ŋŋamba nti, "Amerika, katonda waabwe asooka aliba mukazi." Ekyo bwe kiri. Buli kimu kikoppa nkola za Hollywood. Nnina obukakafu okuva mu fayiro y'ekitongole ekikessi ekya FBI obuyinza n'okukuwuniikiriza ne bukutyemula omutima singa—singa nkugamba, wa wennyini . . . Ate bw'oyogera ku bikolobero by'abazannyi ba firimu bano, kyenkana, tewali n'omu ku bo, atali malaaya. Era ab'ekitongole kya FBI baakakyasanguza jjo jjuuzi wano. Mbirina okuviira ddala mu fayiro yaabwe yennyini. Era kale bonna bwe babeera eyo, n'abazannyi ba firimu bano, we yakakasiza, nti baagenda ne babajjayo, nga basula n'abasajja, ku ddoola amakumi abiri mu ttaano n'ataano buli kiro, buli musajja, nga bwe beetala, mu Hollywood n'awalala wonna, nga balina amaka ag'enkiso nga balinayo n'abasajja mu maka ago gye babasindika eri abantu bano. Naye ebyo bye tutunuulira, ku ttivi, ne—ne ku ntimbe zino n'ebintu ebirala, ne tuleka abaana baffe okutwala omuntu bw'atyo nga eky'okulabirako. Omuntu bw'atyo nga omuyita *maama*? Ekyo tekirina we kikwataganira na kubeera maama. Obwo bugwenyufu. Ddala bwe kiri. Kyokka be bateekawo omutindo ogugobererwa. Tubaleka . . . ekika ky'engoye ze bambala, ggwe laba abakazi Abamerika bwe bambala nga abakazi abo abagwenyufu, mu buli kimu. Mazima. Era katonda w'Amerika ye mukazi. Si Yakuwa; Oyo baamuvaako dda. Kati sitegeeza *maama*, oyo muteeke ku bbali, oyo kintu kitukuvu tugenda kukyogerako; naye ntegeeza *omukazi*.

21 Era, mujjukire, nti nteebereza nti nga okusaanyizibwawo ddala okwa buli kimu tekunnabaawo, kati sigamba nti kino Mukama ye yakiŋŋamba, naye nzikiriza nti waliwo ekiribaawo wakati w'ekiseera kino oba mu kiseera kiri mu gw'e '77. Kiyinza n'okubaawo essaawa eno. Naye wakati w'ekiseera kino n'ogw'e '77, nteebereza nti wajja kubaawo okuzikirizibwa kwa buli kimu oba okusaanyizibwawo ddala okw'ensi yonna, wakati w'ekiseera kino kye tulimu n'omwaka gw'e '77.

22 Nnakiragula, mu 1933, nnakiragula nti abakazi baali ba kweyongera okusiiwuuka empisa n'eggwanga lyeyongere okugwa, era bajja kusigala nga beeyita ba maama, oba nga bali nga ba maama bwe batyo, okutuusa lwe balifuuka, omukazi lw'alifuuka ekifaananyi ekisinzibwa. Era ne ŋŋamba nti, oluvannyuma lw'ekiseera, "Amerika erifugibwa omukazi." Ekyo mukiwandiike mulabe oba nga si kituufu. Omukazi alitwala ekifo ky'Obwapulezidenti oba ekintu, eky'amaanyi, obuyinza obwa waggulu mu Amerika.

23 Kati, kino nkyogera nga mbassaamu ekitiibwa, abakyala, omukazi bw'ava mu ffumbiro, aba avudde mu kifo kye. Bwe kiri.

Eyo gy'alina okubeera. Awatali eyo, talina kifo kirala. Era kati, sibatabukira butabukizi, naye njagala kwogera Mazima n'ekyo Bayibuli ky'e. . . Edda omusajja ye yabanga omutwe gw'amaka, naye ekyo kyakoma mu nnaku za Bayibuli. Kati takyali. Kati ali awo kikozesebwa, oba yafuuka. . . oba y'aliwo okulera abaana oba ekintu bwe kityo. Era kati, nedda, baagala kulabirira mbwa, na kukozesa nkola eya kizaala ggumba, na kusitula kabwa mu mikono gyabwe ekiseera kyonna, basobole okubinuka okukeesa obudde.

24 Si—soogera ku ba maama. Katonda abawe omukisa. Abo mu kaseera kano be bawaniridde eggwanga nga liri wamu, kimu kya kubiri, ye maama yennyini, omulungi, omutuukirivu, Katonda gwe yalokola. Ekyo kituufu.

25 Naye kikwasa ensonyi okulaba abakazi baffe bwe baweebuuse! Waliwo akatundu k'olupapula lw'amawulire ke nnina, ke nnasalamu oluvannyuma lwa Ssematalo ono eyaakaggwa, ow'okubiri, akagamba nti, "Kiki ekituuse ku mpisa z'abakazi Abamerika, okutuuka okuba nti, oluvannyuma lw'emyezi mukaaga nga bagenze emitala w'amayanja, abajaasi bana ku bataano bakazi baabwe baanoba ne babalekawo, ne bafumbirwa abasajja abalala?" Ne batasobola na kubagumiikiriza kukomawo kuva mitala w'amayanja, abajaasi abali eyo abafiira mu ddwaniro! Omuntu oyo akola ekintu nga ekyo tasaana kuyitibwa maama, erinnya eryo ery'ekitiibwa. Nedda, talisaana. Kale bulijjo bampisenga "akyawa abakazi," naye si kyendi. Ndowooza nti omukazi kintu ekirungi ennyo, era naddala, maama. Naye balina kusigala mu bifo byabwe so si kutwala kifo kya musajja, era si kutwala kifo kya Katonda.

26 Era enkya ya leero nnawulidde ekkanisa ekkiririza mu butukuvu nga bagamba, mbu "Maama y'afuga emmunyeenye ez'omu Ggulu," na bino byonna. Ekyo nsobola okulaba Abakatuliki nga bakola ekintu nga ekyo ku Malyamu embeerera, n'abalala bwe batyo, omuli, okusinza abakazi abaafa edda, Sesiriya Omutuukirivu n'abalala bwe batyo, nga bwe busamize obusingayo okuba obw'ekika ekya waggulu. Ekyo kye buli. Ekintu kyonna ekyegayirira abafu buba busamize. N'olwekyo, waliwo Omutabaganya omu yekka wakati wa Katonda n'omuntu, nga ye Kristo Yesu. Bwe kiri. Tewali mutukuvu mulala yenna, tewali kintu kirara kyonna okuggyako Mukama waffe Yesu Kristo Ye Mutabaganya yekka wakati wa Katonda n'omuntu. Naye bwe ndaba amakanisa, n'abali emabega w'ekituuti, nga ekitiibwa kyonna bakijje ku Kristo ne bakiteeka ku maama, ekitiibwa kyonna baakimuggyako, kati—kati awo we batandikira era ekiddako kyeyogerera.

27 Kale, naye wakyaliwo maama yennyini. Katonda atenderezebwe! Nga bw'olaba munnanfuusi; wabaawo Omukristaayo yennyini owa nnamaddala atambulira mu bulamu obusaana. Awabeera ekituufu wabeerawo n'ekikyamu.

Mazima ddala bwe kiri. Era kati, maama ow'engeri eyo n'omwana ow'engeri eyo be twagala okwogerako kaakano mu Bayibuli.

28 Kati simanyi, oba balenzi bameka n'abawala bameka be tulina wano enkya ya leero? Bwe muba mwawulirizza pulogulaamu y'Ow'oluganda Neville olunaku lwa jjo . . . Balenzi bameka n'abawala abandyagadde okujja mu maaso wano mutuule ku ntebe zino ez'omu maaso nga bwe njogerako gye muli? Mwandyagadde okujja mu maaso wano? Waliwo wano obutebe kamu, bubiri, busatu, buna, butaano; waliwo n'akalala wano, buli mukaaga, n'obutebe obulala obutono wano. Mwandyagadde okujja mu maaso, abamu ku mmwe abato musobola okutambula awatali ba maama bammwe, kati mwandyagadde okujja mu maaso wano? Mwanirizibwa nnyo! Ba maama bazze . . . [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Wakyaliyo abalala; abasinga obungi ku bo bali mu kisenge gye basomera Ssande sukuulu."—Omuk.] O, bali mu kisenge gye basomera Ssande sukuulu. Kale, tewali buzibu. Tugenda kulindako eddakiika ntono, tugira twogera, kuba bajja kuba bafuluma mu ddakiika ntono. Era tujja kukuŋŋaanya wano, abato ab'amaaso ag'emmunye enzirugavu, eza katakketakke, eza bululu, beeyiwe wano, era—era twogereko na buli omu ku bo. Kaakati, bameka abaagala Mukama? Mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina!"] Kale.

29 Kati njagala okwogera eri ba maama wamu n'abaana, era bino ebigambo byabwe.

30 Akawungeezi ka leero, Mukama bw'anaaba ayagadde, njagala njogere ku kyamagero ekyasooka Yesu kye yakola, n'engeri gye kyakolebwamu, na maanyi ki agaakikola, na kiki kye Yakola nga Amaze okukola . . . Bameka abamanyi ekyamagero kye Yasooka okukola? Ka tukyogere, fenna wamu: "Yakyusa amazzi n'agafuula enviinyo." Bwe kiri, kye kyamagero kye Yasooka okukola. Kati, Mukama bw'anaaba ayagadde. Nnabadde nsoma, enkya ya leero, ne kinzigira ku mutima gwange.

31 Enkya ya leero, ndaba tulina mukwano gwaffe omulungi, Omw. ne Omuky. Yeker emabega awo, nzikiriza be bo. Mbalabye bwe nkyuse ne ntunula ku mpagi eno bwe nti. Luli nnagenda okukeberebwa; nnina okugendanga okukeberebwa olw'olugendo lwange olw'okugenda emitala w'amayanja. Era, bwe nnafulumayo, amaaso nnagakuba ku Mw. n'Omuky. Yeker, nga batudde awo mu woofiisi—woofiisi.

32 Dr. Schoen, mu Louisville, ow'oluganda Omukristaayo omulungi ennyo. Mbakakasa, mazima nnasangayo omusajja ddala, yennyini akkiriza Katonda era amwesiga. Naye mumanyi? Muleke mbabuulire. Nsisinkanye abasawo bangi abakkiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda okusinga ababuulizi

b'enjiri. Bwe kiri. Bw'oyogera nabo. Bakugamba nti, "Mazima ddala." Era bwe ya . . . Bwe nnali nvaayo, yankwata omukono, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, olina bingi nnyo by'okolera abantu okusinga nze byennyinza okukola." N'agamba nti, "Ekyo kituufu." N'agamba nti, "Osobola okuyamba abantu be ssiyinza na kukwatako." N'agamba nti, "Ekyo kituufu."

33 Ne mmugamba nti, "Kale, weewaawo, ggwe osobola okutunga omuntu, oba okuyunga eggumba, oba ekintu bwe kityo. Naye Katonda Y'awonya."

34 N'agamba nti, "Ekyo kituufu." Amiina. O, njagala nnyo okulaba abantu abalina endowooza engazi, ey'amagezi bw'etyo. Ndowooza ku kulongoosa, ne ndowooza ku musawo agaba obujjanjabi, ne ku bujjanjabi bw'amagumba n'ebinywa, ne ku bujjanjabi bw'ennyingo, n'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, n'ebirala byonna, bwe wabaawo ekimu ku byo ekisobola okubaako omuntu gwe kiyamba, nkikkiririzaamu. Naye bw'osanga dokita nga anenya omubuulizi; n'omubuulizi ng'anenya dokita; n'omusawo w'amagumba n'anenya—n'anenya alongoosa; n'alongoosa n'anenya omusawo ajjanjaba; kino kye kikujjira mu birowoozo byo, nti waliwo ekigendererwa eky'okweyagaliza awantu awamu. Bwe kiri, kubanga buli omu ku bo akakasizza nti waliwo omuntu gw'asobola okuyamba. Ddala bwe kiri.

35 Kati ekituufu kiri nti, ndowooza nti, ebigendererwa byaffe bwe biba bituufu, nga n'emitima gyaffe mituufu ku lw'abantu, fenna tusaanye tukolere wamu okusobola okuyamba bantu bannaffe, okusobola okubagondeza obulamu. Nga tolinaamu bigendererwa byonna bya kweyagaliza, nga otendereza Katonda Oyo atuwa obuwa ebintu byonna. Amiina. Yee, ssebo. Ha, tetulina kuba na kweyagaliza kwa ngeri yonna; kiteekwa kuba nga kituukiridde.

36 Omusawo w'amagumba n'ebinywa bw'aba asobola okuyamba omuntu *ono*, n'omusawo w'ennyingo n'ayamba *ono*, n'alongoosa n'ayamba *ono,* n'ekintu ekirala ne kiyamba *ono*, bonna leka tubasabire, amiina, Katonda asobole okuyamba abantu Be abaagalwa babeere bulungi era nga basanyufu. Kubanga, wano tetuliiwo bbanga ddene kiri awo, tubeerawo ennaku ntono ne tukwata olugendo, ne tubaako awalala gye tugenda. N'olwekyo kye tugezaako okukola kwe kukwanguyiza obulamu osobole okubeera n'akaseera akalungiko nga oli wano. Amiina.

37 Kati okusinziira ku kirowoozo kino, leka tukoteke emitwe gyaffe nga tetunnabikkula Bayibuli, twogere n'Omulokozi waffe omwagalwa.

38 Kitaffe ow'ekisa, ow'omu Ggulu, tujja mu buwombeefu obw'ekitalo enkya ya leero mu Kubeerawo Kwo, era tukwebaza okusinga ekintu kyonna ekyali kibadde ku nsi, oba ekiribaawo,

ku lwa Mukama waffe Yesu Kristo. Kubanga, Ye Yatabaganya n'Agatta wamu omuntu ne Katonda, n'atutabaganya ffe abaali abagwiira abatasaanira, abatatya Katonda, abaali baava ku Katonda, o—olw'okulondawo kwaffe, fennyini, bwe twakola okusalawo kwaffe ne tumuvaako. Naye n'Aba mulungi nnyo gye tuli n'ajja, era bwe tutaasanyusa Katonda, bwe twali aboonoonyi, nga tweyawudde ku Katonda, Yatutabaganya n'atuzzaayo eri Kitaffe, nga ayita mu kuyiwa Omusaayi Gwe ye kennyini.

39 Nga tumukwebaliza! Era leero ayimiridde nga Omutabaganya, Oyo yekka ali wakati wa Katonda n'omuntu, Asobozesa essaala okutuuka mu Maaso ga Katonda, okuyita mu Musaayi Gwe Gwennyini gwe Yayiwa okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa. Yajja ku nsi okuyita mu kiraalo ky'ente, n'azaalibwa mu mmanvu. N'ava ku nsi, nga asalirwa musango gwa kufa. Ensi yali temwagala. Eggulu lyali terisobola kumusembeza, kubanga Yali mwonoonyi, Yali yeetisse ebibi byaffe. Ensi yali temwagala. Baamugaana ne bagamba nti, "Oyo mumutwale eri!" Teyalina yadde...ekifo aw'okuzaalirwa, yadde ekifo aw'okufiira. Era Yalengejjera wakati w'Eggulu n'ensi; Eggulu lyali terisobola kumusembeza, nga n'ensi temwetaaga. Naye, era n'Afa, okutulokola okuva mu kibi, okuwonya endwadde zaffe, okutuwa essanyu n'okubeera obulungi nga tukyali wano ku nsi. Nga Mulokozi ow'ekitalo! O, nga tumukwebaliza nnyo nnyini!

40 Ai Katonda, leka okusuuta kwaffe kwonna okuva mu mitima gyaffe kufukibwe gy'Ali, era Ye yekka. Leka buli kitiibwa na buli kusinza, buli kimu ekiva mu mimwa gyaffe oba mu mitima gyaffe, biteekebwe ku Oyo Abigwanidde byonna, Oyo lumu Eyatuula ku Ntebe, nga akutte Ekitabo mu mukono Gwe. Tewali muntu yenna mu Ggulu oba ku nsi yali asaanira yadde okutunula ku Kitabo, oba okubembula Obubonero obwali bukisibiddwako. Naye Omwana gw'endiga ono eyattibwa, nga n'ensi tennatondebwa, n'ajja, n'akiggya mu mukono Gwe, n'abembula Obubonero n'asumulula e—Ebigambo, eri abantu.

41 Era, Kitaffe, tukusaba olwa leero nti Omwoyo We Omutukuvu asumulule emitima gyaffe okuva mu kizikiza kyonna ekigirimu, asumulule olulimi lwaffe okuva mu bugwagwa bwonna, asonyiwe ebibi byaffe byonna, era aggyewo ekizikiza kyonna, era atambule mu mitima gyaffe enkya ya leero.

42 Naddala abaana bano abato, ayi Katonda, bawe omukisa nga bwe batudde wano enkya ya leero ne ba maama baabwe abaagalwa. Ayi Katonda, nga tukwebaza olwa bamaama, olw'abakazi bennyini! Mu kizikiza kino kyonna n'okusinza ebifaananyi, n'obugwenyufu n'obw'onoonefu ebiri mu nsi, naye ne tusigala nga tulinamu, ba maama ddala, bennyini. Nga tubakwebaliza! Abato n'abakulu, bonna wamu, tukwebaza, ayi

Kitaffe, olwa ba maama bennyini. Era tukusaba, ayi Katonda, Obawe omukisa.

43 Tulaba, waliwo abatudde wano enkya ya leero, bangi ku baganda baffe ne bannyinaffe bambadde obumuli obweru manyanga ebika by'ebimuli ebyeru n'ebimuli ebirala, nga bitegeeza nti maama we omutukuvu omwagalwa yasomoka n'agenda ebusukka ggigi, ku ludda luli; nga si mufu, wabula mulamu emirembe gyonna. Lumu, nabo balijja, emmanga ku mugga, era baliddamu ne bamulabako, ku ludda luli. Bangi abambadde ebimuli ebimyufu, nga kitegeeza ba maama baabwe bakyali balamu. Ekyo tukikwebaliza.

44 Tukusaba Otuwe omukisa fenna wamu nga bwe tuyiga ku Kigambo Kyo, kubanga tukisabye mu Linnya lya Kristo. Amiina.

45 Kaakano Mukama abawe omukisa. Era tugenda kuyingira mu Kigambo enkya ya leero. Kaakati, okusooka, nga tetunnatandika ku kazannyo kano, ke nnalowoozezza okuwa ba maama n'abaana abato...Era ob'olyawo bajja kumpulira, kubanga eddoboozi lyakazindaalo kano ddene. Kati ŋŋenda kubaako akazannyo ke mbanyumiza, kubanga mbaddenga nneetegereza enkuŋŋaana zange, ebiseera ebimu obuzannyo buyamba nnyo. Si bwe kiri? Abaana abato bwe basinga okutegeera. Ndaba abalenzi babiri abato, ab'amaaso ag'emmunye ezitangalijja abatudde, nga bantunuulidde mu kaseera kano, abanaabeera abasajja ab'enkya singa wanaabaawo olw'enkya.

46 Era kati nga tetunnaba kuba na kazannyo konna, oba ekintu kyonna ekikolebwa mu kkanisa, kirina okuba n'omusingi gwakyo mu Bayibuli. Amiina. Kiteekwa okuba n'omusingi gwakyo mu Bayibuli. Okusooka, leka ffenna tubikkule mu Matayo, essuula ey'e 16 n'olunyiriri olwa 25, tusomeyo ennyiriri zino. Okusooka, nga bwe tusoma, tugira twetegeka, ob'olyawo mu kaseera ako abato banaaba bafulumye. Kati Matayo 16:25, tusoma kino:

> *Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza: na buli alibuza obulamu bwe ku lwange alibulaba.*

47 Kati, kino Kyawandiikibwa ekikulu ennyo. Ekyo leka ffenna tukisomere wamu. Mulaba mutya? Buli omu, abaana abato n'abalala bonna, fenna wamu kaakano. [Ow'oluganda Branham n'ekibiina basoma wamu Ekyawandiikibwa—Omuk.]

> *Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza: na buli alibuza obulamu bwe ku lwange alibulaba.*

48 Mumanyi, abalenzi n'abawala, era mmanyi kino abakulu nabo kijja kubanyumira mu ngeri y'emu nga abaana. Naye, Ekyawandiikibwa ekyo kikulu nnyo! Era Ebyawandiikibwa ebimu bikulu nnyo okutuusa nti Katonda yabiteeka mu Njiri

zonna ennya: Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana. Naye kino kyali kikulu nnyo okutuusa nti Yakiteeka mu Njiri emirundi mukaaga! Emirundi mukaaga nga kino kiva mu kamwa Ke Ye kennyini, Yesu.

49 Kati ka tubikkule mu Makko, leka tubikkuleyo, mu ssuula ey'o 8 eya Makko, tutandikire ku lunyiriri olw'a 34, mbeeko ne bye nsomayo. Era njagala mwetegereze wano nate era, nga twongereza ku kino Yesu kye yakyogerako. Era mujjukire, nti Yakiteeka mu Njiri emirundi mukaaga, okukikakasa! Bbiri kitegeeza bujulizi, naye Yakiteekamu emirundi esatu n'agikubisaamu ebiri, mukiraba, okukakasa nti okijjukira.

> *Awo n'a—n'ayita ebibiina okujja gy'ali* era *n'abayigirizwa be, n'abagamba nti, Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefiirize yekka,. . .yeetikke omusalaba gwe, angoberere.*

50 Kati, omu ku bavvuunuzi yakivvuunula bw'ati nti, "Yeetikke omusaalaba gwe angoberere buli lunaku." Kati, kaakati olunyiriri olwa 35. Muwulirize:

> *Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza; naye buli alibuza obulamu bwe ku lwange n'olw'enjiri, alibulokola.*
>
> *Kubanga kumugasa ki omuntu, okulya ensi zonna, naye n'afiirwa obulamu bwe?*
>
> *Kubanga omuntu yandiwaddeyo ki okununula obulamu bwe?*

51 Kati kaakano leka tukwate olunyiriri luno olwa 35 tulwogerere wamu. Kale. Kati leka tulwogerere wamu. Tugenda kusoma Makko 8:16, kati leka tulwogerere wamu; Mark 8:16, munsonyiwemu, Mark 8:16, 35. Nedda, era si lwe lwo. Mark 8, munsonyiwemu. Makko, enjiri y'Omutukuvu Makko, essuula ey'o 8, olunyiriri olwa 35. Kati leka tukigezeeko. Enjiri y'Omutukuvu Makko, essuula ey'o 8, olunyiriri olw'a 35. Kati tulufunye. Leka tulusome. [Ow'oluganda Branham n'ekibiina basomera wamu Ekyawandiikibwa kino wammanga—Omuk.]

> *Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza; naye buli alibuza obulamu bwe ku lwange n'olw'enjiri,. . .alibulokola.*

52 Ekyo si kirungi nnyo? Kaakati, tugenda kutandika ku kagero kaffe, abaana bwe banaaba bazze bajja kufuna we batuula. Abakebezi mwetegereze abaana abo, mu kasirise. . .mulabe nga mubayingiza munda wano, nga bwe twogera ku lugero lwaffe. Enkya ya leero, kino tugenda kukyesigamya, ku kazannyo. Era nze, emirundi mingi, jjuuzi wano ennaku ntono eziyise na. . .

53 Nzikiriza, Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Wood baali nange, engulu eri mu lukuŋŋaana olwasembayo, era nnali mbuulira mu lukuŋŋaana lw'Eky'enkya ky'Abasajja Abasuubuzi

Abakristaayo. Era nnabawa akazannyo ka Zaakayo nga ali mu. . .waggulu mu muti omusikamooli, era, Yesu bwe yali ayitawo, engeri gye yafunamu ekipipa kya kasasiro, nga bwe mumanyi (ne nkikolamu akazannyo), n'akirinnyako n'awalampa omuti, okulaba Yesu; omusajja omusuubuzi nga atudde waggulu mu muti, omanyi, nga yeekwese Yesu aleme kumulaba. Nga alinga agamba nti, Yesu yali tamanyi waali, omanyi. Era muli n'agamba nti, "Ha, baŋŋamba mbu Omusajja oyo amanyi ebintu era asobola okulagula ebintu nga tebinnabaawo, era amanyi awali ekyennyanja ekyamize ekinusu. Naye sibikkiriza." Yesu n'ajja n'ayimiririra ddala wansi w'omuti. N'agamba nti, "Ha, Tasobola kundaba, ntudde waggulu ku muti."

54 Yesu n'ayimirira n'atunula waggulu, n'amugamba nti, "Zaakayo, kka wansi." Teyakoma ku kya kumanya nti ali waggulu ku muti, naye Yali amanyi n'erinnya lye.

55 Kale ndowooza nti akazannyo ebiseera ebimu kayamba abantu abakulu, abavubuka abalenzi n'abawala, era nga bwe kayamba abaana abato.

56 Kale kati kino bwe kinaaba kiwedde, oyinza okumbuuza nti, "Ow'oluganda Branham, ebintu bino by'oyogeddeko wabijja wa abantu bano n'amannya gaabwe?" Abamu ku bo, nnyambiddwako mukwano gwange omulungi, Ow'oluganda Booth-Clibborn. Ate abalala, nnyambiddwako Josephus, munnabyafaayo omukuukuutivu. Ate ebirala ne mbijja mu bitabo by'ebyafaayo bye nsoma, ebikwata ku nsonga eno, n'endala. Era eyo y'engeri gye nfunamu ebintu bino ebikwata ku kazannyo ke tugenda okwogerako enkya ya leero, olwa kino.

57 Abaana baffe abato mbalaba kati bafulumye, era olw'emboozi eno gye tugenda okuwulira enkya ya leero. Kaakati mmwe abalenzi n'abawala abato, bwe muba musobola, mwenna abaagala, mujje wano mu maaso. Tulina wano ebifo nga bitaano oba mukaaga ebitaliimu bantu. Bwe muba mwagala okujja eno mu maaso, mwanirizibwa. Batuukidde mu budde bwennyini obw'akazannyo kano.

58 Kale kati bwentyo bwe nfunamu ebintu bino, bwentyo bwe mbizuula. Omuntu omu ayinza okugamba nti, "Naye, ekyo nga sikisomangako mu Bayibuli." Naye, bw'oba tokisomangako, ebyafaayo byo byakiwandiikako, okiraba. N'olwekyo mboozi y'emu, naye ereeteddwa mu—mu ngeri y'akazannyo.

59 Kale, n'olwekyo, bwe mutyo! Bwe mutyo! Oyo muganda wo omuto? O, mazima ddala akufaanana! Mulenzi mulungi nnyo. Okiraba bulabi. Kale.

60 Kati mwandyagadde okujja mutuule wano mu maaso? Waliwo obuwala bubiri, manya obuwala busatu. Bannange, ekyo kirungi nnyo ddala! Kati njagala. . .Akagero kano enkya ya leero ka bawala abato n'abalenzi. Missus Collins, nkakasa ye ggwe erudda awo, ne mwannyinaffe oyo omuto; wandyagadde

okugenda wali, mukwano, otuule wansi. Weewaawo, nzikiriza wano waliwo ekifo, singa—singa omukyala aggyawo akasawo ke. Ne—n'erudda wano *eno* waliwo ebifo ebiwerako.

61 Abavubuka bano bonna abalenzi n'abawala njagala batuule wano mu maaso, nsobole okwogera nabo. Wano, wano tulinawo obutebe. Tugezaako okulaba nga mufuna obutebe. Yee, ssebo. Abamu ku bo bagenda kutuyamba wano wennyini. Kale, twagala buno bubeere bwa balenzi bano n'abawala bano abato. Ha, bannange! Ekyo si kirungi? Kati ekyo. . . Ndowooza ogenda kwetaaga okuleetayo obutebe obulala, Ow'oluganda Neville, ndabayo abalala abajja. Kale kati ekyo kirungi!

62 Ba maama bameka abali wano? Muyimuse emikono gyammwe. O, ekyo kirungi nnyo! Kati, ekyo kirungi nnyo ddala.

63 Kaakati mmwe abawala abato abali emabega bwe muba mwandyagadde okujja mu maaso wano, mujjire ddala eno mu maaso, bw'oba oli mukulu ekimala okwawukana ne maama wo. Era nga maama yandyagadde okukuleeta wano mu maaso, kale, mugambe ajje. Ba maama nabo, basobola okujja. Kale, kati.

64 Ka mbabuulire, mmwe abaana, twakava okusoma olunyiriri. Mwenna mwandyagadde okulwogera nange? Mwenna mwandyagadde okwogera nange olunyiriri luno? Kati, lusangibwa mu njiri y'Omutukuvu Matayo, essuula ey'e 16 n'olunyiriri olwa 25, lwe tugenda okwogerako. Kati abato bano. . . Buli mulenzi omuto na buli muwala omuto, enkya ya leero, yogera kino nange kino: [Abalenzi n'abawala baddamu nga bagoberera Ow'oluganda Branham—Omuk.] Gamba nti, "Enjiri y'Omutukuvu Matayo, essuula ey'e 16, olunyiriri olwa 25." Kati muddeemu bye njogera: "Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza; na buli alibuza obulamu bwe ku Lwange alibulokola." Alibulokola. Leka tukiddemu nate: "Buli alibuza obulamu bwe ku Lwange alibulokola." Kiyitirivu!

65 Kaakati, abalenzi n'abawala, mbeeko ne kye mbabuulira? Mu nsi mulimu ebintu bingi nnyo eby'omuwendo ddala. Era ekimu ku bintu ebyo, okirina olwa leero, ye mmeeme eri munda mu mubiri ogwo. Era ekyo kye kintu ekisingayo okuba eky'omuwendo mu nsi, gy'oli. Ekyo bwe kiri, maama? Muddeemu nti, "Amiina." [Bamaama baddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ekintu ekisingayo okuba eky'omuwendo ky'olina ye mmeeme yo. Era kati emmeeme yo bw'ogyesigaliza, ojja kugifiirwa. Naye ate singa ofiirwa emmeeme yo, obeera ojja kugirokola; singa emmeeme yo ogifiirwa nga ogiwaayo eri Yesu, mukiraba. Amakulu mu kyo, nti bw'okkiriza Yesu, ofuuka muyigirizwa We. Era bw'owaayo obulamu bwo eri Yesu nga okyali muto bw'oti, kiba kitegeeza ogenda ku. . . Obulamu bwo Abeera agenda kubukuuma okutuusa mu

Bulamu obw'emirembe egitaggwaawo. Naye bw'o—bw'oyagala okubwesigaliza oleme kubuwaayo, obeera ogenda kubufiirwa; bwe kiri, ojja kubufiirwa. Bw'oyagala okweyisa nga abawala bano abalala n'abalenzi abalala bwe beeyisa, ogende weeyise nga bwe beeyisa, obeera ojja—ojja—ojja kubufiirwa. Naye bw'oba oyagala okuwaayo obulamu bwo eri Yesu, obeera ojja kubukuuma okutuusa mu Butaggwaawo emirembe n'emirembe.

66 Kaakati, ekyo mukijjukire, nti kye kintu ekisingayo okuba eky'omuwendo mu nsi yonna, ye mmeeme yo eyo. Era singa ogyesigaliza n'ogaana okugiwaayo, ojja kugifiirwa; naye bw'ogiwaayo eri Yesu, ogirokola. Ekyo muyinza okukyogerera awamu nange? Bwe. . .[Abalenzi n'abawala baddamu Ow'oluganda Branham by'ayogera—Omuk.] Mugambe nti, "Bwe ngyesigaliza, nja kugifiirwa; naye bwe ngiwaayo eri Yesu nja kugirokola." Ky'ekyo! Kati mukifunye. Ekyo si kye. . .

67 Bamaama bonna abalowooza nti ekyo kirungi, mugambe nti, "Amiina." [Bamaama bagamba nti, "Amiina!"—Omuk.] O, ekyo kirungi! Ekyo kirungi.

68 Kati, mukiraba, waliwo ekintu kimu ky'osobola okukola. Kati, mugende mu maaso. Bwe baba baagala okweyisa nga ensi, era bakole nga ensi bwe. . .Abalenzi n'abawala bwe baba baagala okugenda wabweru eyo bakole ebintu, era banyumye emboozi n'okwogera ebintu ebitasaana, era—era bakumpanye n'okunyaga banyage, era—era bakole ebintu ebibi, ne ku ssomero bakoppe, n'ebintu ebirala, ka bagende mu maaso; be bafiirwa. Bajja kugifiirwa. Naye bw'onaagiwaayo eri Yesu, ekyo tebajja kukikola, era kijja kugirokola. Ekyo ky'olina okukola. Si bwe kiri?

69 Kati tugenda kutandika ku mboozi yaffe. Kati, awo tubadde tuteekawo musingi gwaffe, kati ekyo mukijjukire. Kaakati leka tutandike emboozi yaffe. Kati, eri abantu abakulu, n'eri—ba taata ne ba maama, kati, nammwe, muwulirize; mmwe, nnaddala mmwe ba maama ne ba taata. Kati leka. . . era tugenda kutandika. Munyumirwa emboozi? Si bwe kiri? Ha, nzaagala okukamala! Ate nnaddala. . .Musoma emboozi nnyingi ezitali ntuufu. Naye emboozi eno ntuufu, Mazima gennyini, buli Kigambo ekigirimu. Esangibwa mu Bayibuli ya Katonda, n'olwekyo gateekwa kuba Mazima, mukiraba, kubanga Kigambo kya Katonda. Ekigambo kya Katonda ge Mazima.

70 "Naye, omanyi," n'agamba nti, "nkooye nnyo. Nko—nkooye nnyo mpulira naatera kufa."

71 "Naye," n'amugamba nti, "lwaki toyambuka waggulu ne weebaka? N'ogalamirako ku katanda, oba mu ntebe eri waggulu, ne weebakako."

72 N'agamba nti, "Naye, ha, nkooye nnyo." N'agamba nti, "Ha, mukwano, ssinga walabye kye nnalabye olwa leero! Ha,

nzenna. . . mpulira, kye. . . ssaagala na kulya kyaggulo! Eh, kiri kitiisa, kye nnalabye olwa leero!"

N'amubuuza nti, "Kati, kiki ekyo kye walabye?"

73 N'agamba nti, "Naye, ssisobola kukikubuulira, ng'abaana weebali, eh, kyabadde kibi nnyo! Bannange, kyabadde kibi nnyo!"

"Naye, kiki ekyo kye walabye?"

74 "Kale, ŋŋenda kwambuka waggulu ngire nga ngalamiddeko, kati—kati bwe tunaaba tumalirizza okulya eky'eggulo nga tumaze okwebasa abaana, nnaakubuulira ekyabaddewo olwa leero."

N'agamba nti, "kale."

75 N'ayambuka waggulu. N'agalamira wansi. "O, nga nkooye nnyo! Ha, bannange!" Mumanyi taata bw'abeera nga akooye, nga akooye nnyo!

76 Oluvanyuma nga wayiseewo akaseera, akawala akato ak'amaaso ag'emmunye ezitangalijja, ne katandika okuddukadduka awo mu kisenge, nga bwe kaleekaana. N'akagamba nti, "Sh-sh-sh, sh-sh-sh, ekyo tokikola. Ojja kuzuukusa taata. Ate, ha, akooye nnyo okutuusa nti a—awulira ayagala kufa. Awulira takyayagala na kubeera mulamu. Kale taata bw'aba akooye nnyo bw'atyo, bambi, tusaanye tumuleke yeebakemu. Tomugolokosa." Bwe katyo ka Miriyamu, ne kagenda ne katuula wansi, ne kasirikira ddala.

77 Bwe waayitawo akaseera nga ayiisizza eky'eggulo, n'ayambuka waggulu mu kisenge na—n'amuyita nti, "Amulaamu?"

78 N'addamu nti, "Wangi, Yokebedi, ndi wano. Ŋŋenda kukkirira." Ne bakkirira wansi ku madaala, nga bwe mumanyi, ne balya eky'eggulo ekirungi.

79 Bwe baamala okulya eky'eggulo, nga—n'akalenzi n'akawala nabwo bumazeewo eky'eggulo kyabwo, awo, ne. . . maama n'ategulawo ebintu n'abatwala beebake.

80 N'agenda mu kisenge, ye wamu n'omwami we, ne batuula wansi. N'amugamba nti, "Kale, kati, kiki kye walabye olwa leero, Amulaamu, ekyo—ekyakweraliikirizza obwenkanidde awo, n'otuuka n'okujulirira okufa?"

81 "Ha," n'amugamba nti, "mukwano, nze kiri kya—kyannemye okutegeera." N'agamba nti, "Nnalabye. . . Kale, tukiraba buli lunaku, naye olwa leero kyabadde kya njawulo." N'agamba nti, "Ha, na—nnalabye ekintu ekisingayo okuba eky'entiisa kye nnali ndabye." N'agamba nti, "Batabani baffe bambi, abamu ku bo abatannaweza yadde emyaka ekkumi n'ebiri, baababadde basika ekigaali ekyo ekinene, nga beesibye emiguwa mu bulago bwe *batyo*. Era busajja bwatu bambi bwakisise ne

butuuka nga tebukyasobola kukisika, kukirinnyisa waggulu ku ntikko, nga kijjuddeko agayinja ago aganene, nga tebukyayinza kweyongerayo mu maaso. Era ekyazzeeko ekigaali ne kitandika okwekulula nga kigenda mpola, okutuusa lwe kyayimiridde. Ne zireeta omusajja, ha, nga yenna atiisa! N'awuuluguma n'ababuuza nti, 'Ekigaali kino muyimirizza kyaki?' 'Wham!' n'abaswanyula n'embooko ezo ezaawanvuwa nga emisota, nga bw'azibaswanyuula ku mugongo, nga omusaayi bwe guva mu migongo gyabwe, bwe gukulukuta bwe *guti*. Bambi abaana ne beekwata ku muguwa guno ne bakaaba." N'agamba nti, "O, Yokebedi! Tuyinza kukola tutya, maama?" N'agamba nti, "Ye ffe bantu ba Katonda. Katonda yatuwa omukisa. Ffe baana ba Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo. Naye lwaki tuli wano nga abaddu eri ebintu nga bino? Bannange, kyabadde kikwasa ennaku abalenzi bali bwe baabadde bakaaba. O, ate nga nsabye ne nsaba ne nsaba, Yokebedi, naye kirabika Katonda n'okumpulira tampulira. Nsabye ne nsaba, naye Alinga Azibye okutu kwe gye ndi, Alinga atakyampulira n'akatono. Alinga Atakyafaayo."

82 "Kati," mukyala we kye yava amugamba nti, "labayo, Amulaamu, ekyo tekiwulikika nga ggwe. Oli taata yennyini, era oli. . . Ekyo tekiwulikika nga ggwe, kubanga bulijjo obeera otuzzaamu amaanyi, nga otugamba tubeere n'okukkiriza mu Katonda."

83 "O, naye, mukwano, bwe nsaba bwentyo, naye Katonda n'atampulira, ate ne kirabika nga embeera eyeeyongera okusajjuka buli kaseera. Gye nkoma okusaba, n'embeera gy'ekoma okweyongera okusajjuka."

84 Naye, abalenzi n'abawala abato, Katonda awulira okusaba? [Abalenzi n'abawala baddamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Awulira okusaba. Katonda ayanukula okusaba? ["Weewaawo."] Weewaawo. Ayanukulirawo mangu ago? Si buli kiseera. Ayanukulirawo? Nedda. Oluusi Atuleetera okulinda. Si bwe kiri? ["Weewaawo."] Naye, Katonda ayanukula okusaba, si bwe kiri? Era olw'okuba buli kintu kitabuse, ekyo tekitegeeza nti tulekere awo okusaba. Tugenda bugenzi mu maaso nga tusaba, si nsonga kiki ekigenda mu maaso, si bwe kiri? Bwe kiri. Kati, mwanukudde bulungi. Katonda ayanukula okusaba. Leka tukyogerere wamu. "Katonda ayanukula okusaba." Weewaawo. Embeera ne bw'eba efaanana etya, era, Ayanukula. Kale.

"Kati, ogenda kwambuka waggulu weeyongere okusaba?"

85 "Weewaawo." Era taata yalina akafo akeekusifu waggulu eri awasemba mu kasolya gye yagendanga okusaba. Bw'atyo n'ayambuka waggulu eyo ekiro ekyo, n'afukamira wansi awo, n'agamba nti. . . Kati yagamba nti, "Yokebedi, kati ggwe genda weebake, ggwe wamu n'abaana. Kubanga, ssaagala munneeraliikirire, nze ndabika ŋŋenda kusaba oba oli awo okuyita mu kiro."

86 Bw'atyo n'afukamira ku maviivi ge, n'asaba n'asaba. Mmulaba nga ayimusa emikono gye, n'agamba nti, "Ai Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo, jjukira ekisuubizo Kyo eri abantu Bo! Tuutuno wano mu Misiri, era tuli mu buddu. Era, ha, abakoza baffe abakambwe—batukaka okukola ebintu, nga bwe batukuba, era abantu baffe bambi ba—bambulwamu engoye ne basigala bukunya, era batukuba ne kibooko. Naye tuli bantu Bo. Ayi Katonda, mazima ddala Ojja kuwulira okusaba! Mazima ddala Ojja kwanukula okusaba! Naye nsabye ne nsaba ne nsaba, naye Olabika nga n'okunnyanukula atannyanukula. Naye, ayi Katonda, nzikiriza nti Oli Katonda, era ku nkomerero ya byonna Ojja kwanukula okusaba." N'agenda mu maaso bw'atyo nga asaba, kyenkana okukeesa ekiro kyonna.

87 Enkeera ku makya, ku ssaawa nga mwenda oba kkumi, n'akkirira wansi ku madaala. N'atunula erudda, n'alaba mukyala we omwagalwa, Yokebedi. Nga ali mu buliri yeebase. Ate omuto Alooni n'omuto Miriyamu baali baabebasizza dda, kale baali buziba mu tulo, nga beebakidde ddala. Kale. N'agamba mukyala we nti... Mukyala we n'amugamba nti, "Obudde buyise, ate ggwe okya..."

88 "Weewaawo, nsabye ekiro kyonna." Amaaso ge gaali gajjudde amaziga, kubanga yakaaba ku lw'abantu.

89 Mukyala we kye yava amugamba nti, "Labayo, Amulaamu, leka kireme kukweraliikiriza nnyo."

90 "Kati," ye n'amugamba nti, "wulira kino, mukwano. Ekyo kirungi. Naye kati labayo, ggwe olina wano abaana babiri b'olina okukuza. Ate nze nnina omugugu. Bwe wataabeewo muntu asabira bantu baffe, olowooza banaakomekkereza batya? Kiki ekinaabaawo bwe wataabeewo muntu alumirirwa ku lw'abantu? Wateekwa okubaawo omuntu asaba."

"Naye," mukyala n'amugamba nti, "Amulaamu, omugugu gwonna si gugwo wekka."

91 "Naye, kirabika nga gwonna ogwange. Naye kyonna kye kiri, era, nja kusaba, ekiseera kyonna!"

92 Ku olwo n'agenda okukola. Era buli lunaku nga akomawo n'addayo, naye nga emitawaana gye gimu egya bulijjo. Ate yalina omulimu omuzibu. Yalina oku... Baayiwanga ebbumba mu bitiba ebinene, era yalina okuyimiriranga awo ku ttanuulu eyo ennene. Bwe baagiggulangawo, ha, bannange, nga ebula okumususumbulako olususu, omuliro ogwo ogwagibangamu! Yasindikangayo amatoffaali ago munda n'agookya, oluvannyuma n'agaggyayo; okuzimba enguudo ennene engazi, n'eminaala eminene emiwanvu, eri ebifaananyi bya balubaale be baasinzanga na buli kimu. Naye nga omusajja ono Omukristaayo owa nnamaddala y'akola obwenkanidde awo, nga akolera omulabe. Naye yali muddu, yali mu buwambe. Yalina okukikola.

93 Buli kiro bwe yakomangawo eka, yasabanga. Yaddangamu n'alinnya amadaala n'ayambuka waggulu, n'asaba n'asaba n'asaba, n'akomawo wansi. Naye nga ebintu tebikyuka; nga embeera yeeyongera kuba mbi.

94 Naye lumu aba ali ku mulimu n'awulira oluvuuvuumo. N'abuuza nti, "Kiki ekyo? Kiki ekyo? Mumbuulire!" Buli muntu n'akuba munne akaama. Oluvannyuma lw'akaseera, obudde bwali tebunnawungeera, nga kibunye eggwanga lyonna, ekyali kigenda okubaawo.

95 Kyali kiki? Waaliwo akakiiko akaali kagenda okusisinkana ekiro ekyo. Nnamukadde Kabaka Falaawo, kabaka oyo omubi yali agenda kukuŋŋaanya wamu abantu, babeere n'olukiiko olulala olunene. Bwe batyo ne babeera n'olukiiko luno olw'amaanyi emmanga eyo.

96 Kati ekiro ekyo n'akomawo, ha, yenna yali aweddemu essuubi. N'ayingira, mukyala we n'amugamba nti, "Amulaamu, mukwano," n'amusisinkana ku mulyango n'amunywegera, n'amugamba nti, "nnakutegekedde dda eky'eggulo ekiwoomu era ekibuguma. Naye," n'agamba nti, "mukwano, nga wenna olabika osiiwuuse. Mutawaana ki?"

97 N'agamba nti, "O, Yokebedi, singa obadde omanyi ekigenda mu maaso! Bannange, bibi n'okusinga bwe byali bibadde!"

"Kiki?"

98 "Sh-sh, siyinza kukyogerako, abaana weebali. Lindako nga tumaze okulya eky'eggulo, nnaakubuulira."

"Kale."

99 Bw'atyo, n'agabula eky'eggulo. Ne balya eky'eggulu, bwe baamala ne batwala abaana okwebaka.

100 Kale, ne bayingira mu kisenge. N'amugamba nti, "Yokebedi, njagala mbeeko ne kye nkubuulira." N'agamba nti, "Waliwo ekimu ku bintu ebisingayo obubi ekigenda mu maaso."

"Kiki?"

101 N'agamba nti, "Olwa leero bagenda kubeera n'olukiiko olulala, ekiro kya leero. Era bwe banaabeera nalwo, bagenda kutwongerako omugugu omulala."

102 Kati, eyo ka tuveeyo, tugende mu lubiri lwa kabaka. Kabaka Falaawo n'abakuŋŋaanya bonna, n'abagamba nti, "Kale, mmwe mwenna ba gyenero! Muliko kikyamu ki? Nnabawa ebiragiro byange bye mulina okugoberera! Naye abantu bano beeyongera bungi buli olukya! Kiva kuki? Tetusobola kukiyimiriza?" N'agamba nti, "Lumu tulirumbibwa eggye eddala. Era abalabe baffe bano bonna, okuva mu Goseni, Abayisiraeri bano, balyegatta ku ggye lino, era balituwangula. Era ebyenfuna byaffe eby'amaanyi birifa ttogge, obwakabaka bwaffe obw'ekitalo bulisaanyizibwaawo. Bajja kutuwamba. Kikyamu ki ekibaliko?

Wabeewo, anziramu! Temumanyi kya kwogera?" Ha, yali mukaawu, nnyo. Ba gyenero bonna, ne bakankana.

Omu ku bo n'asituka, n'amugamba nti, "Owangaale ayi Kabaka Falaawo."

"Kale, yogera ky'oyagala okwogera!"

103 N'agamba nti, "Owangaale ayi kabaka. Ssebo, ow'ekitiibwa," n'agamba nti, "Nkusaba abantu bano obongereko emigugu."

104 "Musiru gwe! Abantu mwabongerako emigugu, naye beeyongera bweyongezi. Kati, mwenna, bwe muba nga ekyo kye kirowoozo kye mulina, mukyesigalize!" Ha, yali mukambwe.

105 Bwe waayitawo akaseera omulala n'asituka, nga yenna ajjudde akamwenyumwenyu, nga ssetaani. N'agamba nti, "Wangaala ayi Kabaka Falaawo." N'agamba nti, "Nze nnina ekiteeso."

N'amugamba nti, "Kati nno, kyogere! Toyimirira buyimirizi awo!"

106 N'agamba nti, "Leka nkubuulire kye tusobola okukola." N'agamba nti, "Omanyi, abantu bano beeyongera okuba abangi ku misinde miyitirivu."

107 "Weewaawo, bwe kiri!" N'agamba nti, "Abamu ku bo, abamu ku bantu baabwe balina abaana kkumi na bana, abamu balina amakumi abiri. Kyokka abaffe abamu tebalina wadde omu bw'ati." N'agamba nti, "Beeyongera obungi ku misinde miyitirivu, babunye ensi yonna."

108 Mulaba, Katonda yali alina ky'akola. Mulaba, Katonda bulijjo asiba ssetaani kantuntunu, mukiraba. Mukiraba? Amanyi ky'Akola. Mukiraba? Era abakazi bano bonna baalina abaana bangi nnyo.

109 "Kale," n'agamba nti, "wangaala ayi kabaka. Naye, leka nkubuulire kye tugenda okukola. Buli mulundi omukazi lw'anaazaalanga omwana ow'obulenzi . . . Tugenda kugenda mu ggwanga lino lyonna tufuneyo abakazi abatali . . . abatali ba maama. Okiraba, abakazi abatazaalangako, abakazi abateetaaga baana era abatabaagala, abakazi abalogo ab'ennyindo empanvu. Okiraba, gy'akoma okuba n'ennyindo empanvu, gy'akoma okuba ow'ettima! Abalina enjala ensongovu, abeesiize langi mu maaso, tubaleete. Tebamanyi mukwano gwa maama kye gutegeeza. Kati omwana oyo ow'obulenzi bw'anaazaalibwanga, kati, bo bajja kugendanga bakwate omwana oyo ow'obulenzi, bamuggyeyo bamuwuttule omutwe gwe ku kisenge bagwabye, bamukasukire nnyina bwe batyo. Oba bamusuule mu ggunnya ogunene. Ha, n'ekisinga ku ekyo, basobola okumuggyayo ne bamusiba emikono n'amagulu, ne bamukasuka eri, n'abeera emmere ya zi goonya. Eyo y'engeri gye tujja okumalawo ekizibu ekyo. Awo tebajja kweyongera

nnyo, kubanga abasajja banaaba baweddewo; bwe tunatta abaana ab'obulenzi abato bonna."

110 "O," Falaawo n'agamba nti, "ekyo kirungi! Ekyo kirowoozo kirungi!" Mulaba ssetani ky'ali? Mubi, si bwe kiri? N'agamba nti, "Ekyo kye kintu ekituufu eky'okukola! Genda ofune... Olina... Kati, nga bwe kiri nti ggwe oleese ekiteeso kino, ŋŋenda kukufuula omukubiriza waakyo. Genda ofune abakazi abakulu bonna b'omanyi, a—abatazaalangako, era abatayagala baana. Era nga ba..." Ba...

111 Mulaba, olina okuba maama okusobola okwagala omwana. Ojjukira engeri maama gye yakwagalamu? Kale, kati okiraba, maama ayagala abaana abato.

112 Naye baalina okufuna omuntu a—ataalina...atazaalanga ku mwana yenna, ataagalira ddala baana, o—o—omukazi ow'ettima atalina kisa n'akatono. N'abagamba nti, "Mubafuule abaserikale. Era bwe munaabafuula abaserikale, mubawe ebiragiro nti basobola okuyingira mu buli nnyumba yonna gye baagala okuyingiramu, ne baggyayo buli mwana omuwere ne bamukuba ku kisenge ne bamwabya, ne bamukasukira ggoonya ne zimulya. Buli mwana omuwere!" Ha, kyali kya bukambwe! Kati mumanyi kye baakola?

"Kale, ekyo kirungi!"

113 Kati enkeera Amulaamu aba ali mmanga eyo akola, n'akiwulira nti etteeka lyayisiddwa.

114 Ha, n'addayo eka. N'agamba nti, "O, Yokebedi! O, mukwano, nsaba mbeeko kye nkubuulira. Omanyi ekiragiro, kye bayisizza? Kya kutta buli mwana ow'obulenzi omuwere." N'amugamba. N'agamba nti, "Ha, siyinza kukigumiikiriza." N'ayambuka waggulu, okusaba. Ekiro ekyo yasaba nga bw'atasabangako.

115 Kitugwanidde okugenda mu maaso nga tusaba? O, genda mu maaso nga osaba! Bwe kiri? Ggwe genda mu maaso nga osaba, si nsonga kiki ekigenda mu maaso. Genda mu maaso nga osaba!

116 Kati, era ekyaddirira, yasaba ekiro kyonna nga agamba nti, "Ai Katonda, tusaasire! Tuyambe, ayi Katonda! Tukusaba nti Obeeko engeri gy'Otuyamba." N'akkirira wansi, nga obudde bukedde.

117 Buli lunaku, era, ha, eggwanga lyonna nga lijjudde emiranga! Buli lunaku baawuliranga ba maama nga bakaaba, ku nguudo. Baabasikambulangako abaana baabwe abawere, abaana baabwe abato, abaana abato abalungi. Abakazi abo abalogo baayingiranga mu nnyumba, ne bakwata obugere bw'abaana abo, ne babakuba ku bisenge ne babatta, ne babakasukira goonya. Ba maama bakazi battu ne bafukamira ku maviivi gaabwe, ne balaajana nga babagamba nti, "Bambi, temutwala mwana wange! Temutwala mwana wange!" Era, ha, nga baalina ekiseera ekizibu!

118 Mumanyi maama bw'ayagala omwana omuto, n'engeri gy'abeera amuweeweeta ku kalevu. Ojjukira engeri maama gye yakusitulanga ne—n'akunaaza, n'akunywegera, n'a—n'a—n'akusuuta. N'engeri gye yakuzazikanga ekiro weebake. Era, ha, bwe—bwe wa . . . oluggi bwe lweggulanga, akawewo ne kayingira, oba ekintu bwe kityo, ha, bannange, yaddukanga mangu n'aggalawo oluggi, n'abikka omwana, era, omanyi, n'amusitula. Yakwagala. Okiraba? Yakwagala. Ha, yabeeranga ayagala akantu ako akatono Katonda ke yamuwa, akatasobola kweyamba, kale yabanga ayagala akaana ako akato. Era yanywegeranga abaana be abawere n'azannya nabo, kubanga yabanga maama yennyini ddala. Mukiraba?

119 Naye abakazi bano abakadde abattanga abaana abawere, baali tebamanyi mukwano gwa maama kye gutegeeza. Tebaali ba maama. Kyokka kye baalowoozanga kyali kimu, kwesanyusa, na bintu bya nsi, kale baagendanga ne batta abaana abo abawere. Kino mukyali bato nnyo okukitegeera, naye na kati kikyagenda mu maaso. Bwe kiri. Kati mmwe abantu abakulu mumanyi kye njogerako. Bwe kiri, weekiri nnyo! "Ha," oyinza okugamba nti, "Nze siyinza kukikola . . ." Naye okuggyamu olubuto obeera okoze ekintu kye kimu. Kale, naye mukiraba nti tebamanyi mukwano gwa maama kye gutegeeza. Kati mutegeera kye ntegeeza bwe ŋŋamba nti "bamaama bennyini"! Bwe kiri. Tewali njawulo; ssetaani y'omu! Kale, bwe batyo, baali . . . Lowooza ku nkumi n'enkumi emirundi obukumi, buli mwaka, nga kibi nga bwe kyali e Misiri, oba n'okusingawo.

120 Kale, bwe batyo, bajjanga ne bayingira, tebaalina mukwano gwa maama, kale baakwatanga abaana abo abawere ne babatta. Ha, kyeyongeranga bweyongezi kubeera kibi buli lunaku. Era lumu ne wajja oluvuuvuumo olulala nti, bagenda kubeerayo n'olukiiko olulala.

121 Falaawo n'ayita abawi b'amagezi be bonna, era, bonna, ne bakuŋŋaana wamu: n'abagamba nti, "Kale, n'era bakyeyongera obungi! Kati tugenda kukikolera ki?"

122 Ogusajja guno gwe gumu, ogukalabakalaba era ogukujjukujju ogutunula nga ssetaani, ne gusituka. Ne gugamba nti, "Wangaala ayi Kabaka Falaawo. Nnina ekirowoozo. Labayo, abasajja wabawa emirimu bakola. Wabalagira bakube amatoffaali, n'obagerera omuwendo gwe banaakubanga buli lunaku, bagakube nga galimu n'essubi. Osse a—abaana abato n'abalala, naye era bakyeyongera obungi. Ekintu ky'olina okukola, n'abakazi, kwe kubawa emirimu bakole. Abakazi bw'onaabawa emirimu ne bakola, kitegeeza tebajja . . ." Kaakati, ekyo si kifo kya mukazi. Nedda. N'agamba nti, "Naye n'abakazi bawe emirimu bakole, nabo, bateeke wabweru eyo, bakube amatoffaali. Ekyo bw'onaakikola we banaakomerawo eka bajja kuba bakooye nnyo, nga—nga tebasobola kufumbira ba bbaabwe kyaggulo, tebasobola kubeera ba maama balungi,

okiraba. Era bwe banaagenda mu maaso nga bakola bwe batyo, te—tebajja kusobola kukikola. N'olwekyo, nabo, bawe emirimu bakole."

123 "Ekyo kirungi! Bannange, oli musajja mugezi." Bw'atyo n'alagira abakazi bonna bakole.

124 Wuuno musajja wattu Amulaamu n'akomawo, ekiro ekyo, n'agamba nti, "O, Yokebedi, ku luno simanyi kye tugenda kukola. Ku luno abakazi bonna bagenda kubatwala bakole. Nze—nze bannange, ha, simanyi na kya kukola! Tuli—tuli—tuli . . . Tuli baddu, ate embeera yeeyongera kutwonoonekera buli olukya. Ka—ka nteebeereze bwenti: Katonda bw'alibaako ekintu kyonna ky'alitukolera, kiribaawo nga fenna tumaze kufa."

125 Kati, Katonda talinda kutuuka kaseera ako, bw'atyo bw'Akola? Nedda. Katonda atutunuulira ebiseera ebimu, si ky'Akola? Kale.

126 Kati ekiro ekyo, n'agamba nti, "Leero ŋŋenda kwambuka waggulu nsabe nga bwe sisabangako!"

127 Kati, eyo y'engeri y'okusaba, si bwe kiri? Saba nga bw'otasabangako, saba n'obumalirivu! Olaba, bw'omala gagenda n'ogamba nti, "Mukama, wa omukisa *Gundi ne gundi ne gundi*," Ekyo Katonda ta—takifaako nnyo. Naye bw'osaba n'obumalirivu! Mmwe abalenzi n'abawala abato bwe musaba, musabe n'obumalirivu! Ekyo mukikola ku ssomero? Mu—musaba Katonda abayambe ku ssomero? Bw'o—bw'ogenda ku ssomero, n'otafuna bubonero bulungi, ogenda n'ogamba nti, "Ayi Katonda, nja—njagala onnyambe."

128 Musaba? Balenzi bameka n'abawala abasaba? Leka tulabe emikono gyammwe. O, ekyo kirungi. Kati, ekyo kirungi. Mulina akafo akeekusifu gye mugenda okusaba, nga k'abeere maama oba taata takulaba? Bwe mutyo bwe musaba? Te—temusaba bwe mutyo? N'obeera n'akafo ko, gye weekweka n'osaba, n'osaba essaala yo. Osaba essaala buli kiro nga ogenda okwebaka? Ogisaba bw'ogolokoka ku makya, ne mu biseera ebirala? O, ekyo kirungi. Balenzi bameka n'abawala abalala (muyimuse emikono gyammwe) abasaba? Eyo yonna mu kizimbe. O, ekyo si kirungi? Kale, kati, ekyo kirungi. Ekyo kiraga nti olina maama ne taata abalungi abakuyigiriza okukola ebintu bino. Kati, eky'amazima bw'obeera mu bwetaavu, olina okusabira ddala mu bwesimbu. Si bwe kiri?

129 Bw'atyo, musajja wattu Amulaamu, n'ayambuka waggulu. Ha, bannange! Yali tayagala na kulya kyaggulo. Yagamba nti, "Ekigenda mu maaso kibi nnyo. Bannange!"

"O," mukyala we n'amugamba nti, "oteekwa okulya ekyeggulo, taata."

“Ssisobola kukirya, Yokebedi. Sisobola kukirya. Ndi—ndi . . . ”

130 “Bannange,” omukyala n’amugamba nti, “naye wenna okozze, wenna weeraliikiridde, n’okusiiwuuka osiiwuuse. Buli mmere gy’olya ogisesema busesemi, n’ebirala.”

131 “O, nange ssimanyi kya kukola! Naye,” n’agamba nti, “mukwano, bwe wataabeewo alumirirwa ku lw’abantu, bwe wataabeewo asabira bantu, tunaakola ki? Embeera yeeyongera kutwonoonekera. Mazima, lumu, Katonda ajja kuwulira!”

132 Weewaawo, ekyo kituufu. Ekyo kituufu. Katonda ajja kuwulira. Ggwe beera mumalirivu olemereko!

133 Ha, ku mulundi guno yayambuka mu ngeri ya njawulo. Ku mulundi guno bwe yatuuka waggulu, yafukamira wansi, n’ayimusa emikono gye mu bbanga, n’aleekaana nti, “Ai Katonda, kaakano njogera naawe!” Amiina. Saba n’obumalirivu! “Ai Katonda, Olina amatu, era Osobola okuwulira. Olina amaaso, era Osobola okulaba. Ojjukira; Omanyi Ekigambo Kyo. Omanyi ekisuubizo Kyo. Nkwegayiridde, ayi Katonda, tunulako wansi eno, Ye ggwe Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo, olabe nti abantu Bo bali mu kunyigirizibwa, era bafa. Baako ne ky’otukolera, ayi Katonda! Tuteekwa okukufuna ku mulundi guno! Tuteekwa buteekwa okukufuna, oba si ekyo tugenda kuzikirira. Tuteekwa okukufuna. Tuteekwa buteekwa, bwe tuba ab’okuba abalamu.” Kati awo obeera otegeeza by’osaba. Ha, yasaba!

134 Omanyi, abantu oluusi bwe basaba, bakoowa. Si bwe kiri, maama ne taata? Ha, bakoowa nnyo! Ow’oluganda Branham oluusi nkoowa nnyo nga mbula kuzirika bwe nsaba okumala ekiseera ekiwanvu; ntuuka nga naatera kuzirika, bwe mmala ekiseera nga sirya mmere, n’ebirala, okumala ennaku eziwera; ne nsaba ne nsaba ne nsaba, ate nga bwe mbuulira. Ntuuka ekiseera, nga mpulira ŋŋenda kuzirika. N’abantu oluusi batuuka mu mbeera eyo. Ekyo tekiba kiseera kya kuwanika kubivaako. Genda mu maaso! Katonda ajja kwanukula! [Ow’oluganda Branham akonkona ku kituuti emirundi esatu—Omuk.] Yee, ssebo. Lemerako! Yee, ssebo.

135 Wuuyo n’alinnyalinnya amadaala amakadde agamogose. Era nkubamu akafaananyi nga ndaba Yokebedi nga ajja, n’amugamba nti, “O, Amulaamu, togendayo. Mukwano, nzi—nzikiriza . . . ”

136 “Kati, labayo, Yokebedi, oli maama omulungi, omwagalwa . . . ” Yali maama omubalagavu, alabika obulungi. N’amunywegera ku ttama, nga bwe mumanyi, n’amusiisiitira *bw’ati*. N’amugamba nti, “Kaakati, maama, ggwe ddayo ozazike Alooni ne—ne Miriyamu beebake. Naye nze ŋŋenda kusaba. Ate ekirala, bw’owulira nga nkaaba, tojja.”

137 "Kale, naye, Amulaamu, ogenda kukola ki, mukwano? Onaatera kufa."

138 "Weewaawo, naye nni—nnina omugugu gw'abantu ku mutima gwange. Nteekwa okubaako ne kye nkola. Nteekwa okusigala ku maviivi gange. Era mu ekyo abantu bonna . . ." N'agamba nti, "Olwa leero, olwa leero lwokka, emmanga eri ku kasozi gye bakubira amatoffaali, nnabadde emmanga, nga mbagamba kimu nti, 'Naye, ddala, Katonda ajja kuwulira!' Omusajja omu omunene kye yavudde ajja gye ndi, n'akwata mu mbinabina, n'ambuuza nti, 'Aliwulira ddi? Aliwulira ddi? Olaba abantu bwe beeyongera okuba abakaawu? Beeyongera kukyawa Katonda, kubanga basaba ne basaba ne basaba, naye tewali kikyuka. N'ono n'asaba n'asaba n'asaba, ne wataba kikyuka. Ne bakabona bonna bawoza kimu mbu, 'Ennaku z'ebyamagero zaayita, era ekintu kyokka kye tusobola okukola kwe kuvunnamira abatukoza bano abakaafiiri abasinza obukaafiiri, manyanga abasinza bakatonda b'ab'amawanga, n'abalala. Kati tuyinza kukola ki?'" Naye n'agamba nti, "Naye nzikiririza mu Yakuwa! Amiina! Nzikiriza nti Akyayanukula okusaba!"

139 Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina!"—Omuk.] Mukikkiriza? Amiina! Mwenna abakikkiriza, mugambe nti, "Amiina." ["Amiina."] Akyayanukula okusaba! Kale.

140 N'omubiri gwe omunafu oguyenjebuse, nga yenna akozze aweddewo. N'alinnyalinnya amadaala agamogose, n'agenda n'afukamira wansi. N'agamba nti, "Ayi Yakuwa!" Ha, yasaba nga bwe yali tasabangako! Yagamba nti, "Ayi Yakuwa, labayo! Oli Katonda yennyini. Tukkiriza nti Olina amatu. Tukkiriza nti Olina amaaso. Era Omanyi ebintu byonna. Era tukkiriza nti Ggwe Katonda w'Abaebbulaniya, era ffe bantu ab'ekisuubizo. Tukkiriza nti Otuukiriza Ekigambo Kyo." N'agamba nti, "Laba bannamawanga bano, bwe batukoza akagiri, nga tuzimba enguudo ennene engazi n'ebifaananyi bya balubaale, n'ebirala. Ggwe, Yakuwa, ddala Onaatuula mu Ggulu n'oleka ab'amawanga bakufuge? Ssikkiriza nti Onaakikola." Amiina!

141 Nange ssikkiriza nti ne leero Anaakikola! Amiina! Ssetaani bw'ajja, Katonda asigala Katonda! Bwe kiri! Tajja kukkiriza mizimu gino kukola kintu ekyo. Nzikiriza nti, leero, nga emisono n'obusirusiru, n'obwonoonefu buno bwonna obugenda mu maaso; era, Katonda asigala akyafuga era Akyali Katonda! Bwe kiri! Kye twetaaga ye muntu alinga Amulaamu, alina omugugu ku mutima gwe, anaasigala ku maviivi asabe okutuusa nga ayanukuddwa, okutuusa Eggulu lwe lineebikkula emitala eri, Katonda n'akka wansi n'ayanukula okusaba. Amiina.

142 "Kaakati labayo," n'agamba nti, "Ayi Katonda, Onaaleka ab'amawanga baduulire abantu Bo bwe bati? Wayiseewo

wiiki n'emyezi n'emyaka. Tusaba obutakoowa, nga tukulukusa amaziga, naye. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Ayi Katonda, ddala Onaaganya ekintu bwe kityo kigende mu maaso?"

143 Nneewuunya leero, bwe waliwo ebikumi n'ebikumi by'abaana abawere abasuulibwa mu migga ne mu binnya bya kazambi, ne bataweebwa kakisa kuba balamu, okuggyamu embuto n'ebirala; Ayi Yakuwa, Onaaganya ebintu nga ebyo bigende mu maaso? [Ow'oluganda Branham yakonkona ku kituuti emirundi mukaaga—Omuk.] Olwa leero, nga wisiki n'omwenge, n'ebikolebwa mu kiro, na buli kimu, biri buli wamu. Nga n'ekituuti kinafuye nnyo okutuusa nti batya n'okubyogerako. Ayi Yakuwa, Onaaganya obusirusiru obwenkanidde awo okugenda mu maaso? Lumu Alyanukula. O, obusungu Bwe bubi nnyo bwe bujja. Yee, ssebo. Abakazi ne bagenda okukyakala ne baddira abaana baabwe ne babafuula akasuulwamu evvu lya sigala, kwe basuula evvu lya sigala, n'ebirala. Era abantu ne batwala abaana baabwe abato mu bikaali by'omwenge, n'osanga abawala n'abalenzi abato nga bali eyo batudde, ba myaka nga mukaaga oba munaana, banywa omwenge, n'ebintu nga ebyo. Kyokka eggwanga ne likitongoza, nga bagamba mbu, "Tekirina mutawaana gwonna." Ha, bannange! Mulowooza Yakuwa tabiraba? Nga, basekerera n'abantu abayimiridde obulungi ne Katonda. Mu bintu bino byonna ebigenda mu maaso, eby'okujerega. Nywera, weeyongere okulemerako! Yakuwa ajja kwanukula. Teweeraliikirira. Kale.

144 Leka tweyongereyokko mu maaso. Tumulaba ali waggulu eyo asaba. N'atuuka n'akoowa nnyo, n'agalamirako wansi. Yasaba nnyo okutuusa lwe yagwa ku ttaka. Nga takyasobola kweyongera kusaba, ne yeebakamu katono. N'awawamuka. "Kiki ekigenda mu maaso? Laba wano wonna! Kino Ekitangaala kiva wa? Ha, laba, ekiyimiridde wali eri mu nsonda." Nga wayimiriddewo Malayika, nga ekitala Kye kimuli ku mabbali. Ha, n'addamu n'atunula, n'asiimuula amaaso ge. N'afukamira ku maviivi ge, n'agamba nti, "Ayi Mukama, ha, ha, kiki—kiki kye Wandyagadde nkole?"

145 N'amugamba nti, "Amulaamu, Nze Malayika wa Katonda. Ntumiddwa okuva mu Ggulu, okukutegeeza nti Katonda awulidde okusaba kwo. Era Nzize okukutegeeza nti Agenda kuweereza omununuzi. Ebisuubizo Bye byonna Abijjukira." Awo ndaba Malayika; nga amutunuulira, n'Asowolayo ekitala kino. N'akisonga mu bukiikakkono. Amulaamu n'atunulayo. Malayika n'amugamba nti, "Ekitala kino gye kisonze we wali ensi ensuubize. Era Nnasuubiza Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo, bajjajjaabo, nti mmwe mulisisikira ensi eyo. Era Mpulidde okusinda kw'abantu, Mpulidde okukaaba kw'abaana, era Nzise wansi. Era Njagala okitegeere nti ogenda kubaako ekitundu ekinene ky'otuukiriza mu kino, Amulaamu, kubanga obadde

mwesigwa mu kusaba. Obadde mwesigwa mu nnyumba yo. Era buliba kampegaano omwaka ogujja, Yokebedi, mukyala wo omwagalwa, aliwambaatira omwana omuto ow'obulenzi. Era omwana oyo ow'obulenzi y'agenda okubeera omununuzi." Ekitiibwa!

146 N'agamba nti, "O, weewaawo. Weewaawo. O, weewaawo. Weewaawo. O, Alabika bulungi nnyo." N'atunula, awo Malayika n'atandika okusituka. Kyalabika nga eggulu lyonna eryabikkuka, n'abula n'Ava mu kasenge. N'alindiriramu okumala akaseera. N'agamba nti, "Ha, ka nsuubire mbadde ssiroota."

147 N'akkirira amadaala, mangu nnyo, n'agamba nti, "Yokebedi! Yokebedi, zuukuka zuukuka!"

N'amugamba nti, "Wangi, mutawaana ki, mukwano?"

148 N'amugamba nti, "Tuula!" Nga ekitangaala ky'omwezi bwe kyaka okuyita mu ddirisa, yali. . .Nga alabika bulungi. N'amugamba nti, "Ndabye Malayika wa Katonda, era ambuulidde ebintu bino byonna."

"Ha, abadde afaanana atya?" nga maama y'abuuza. "Abadde afaanana atya?"

149 N'amugamba nti, "Ha, abadde alabika bulungi. Abadde ayambadde ekyambalo ekitemagana. Amaaso Ge gabadde gaakayakana. Era Abadde n'ekitala mu mukono Gwe, Akisonze mu bukiikakkono." Ku ekyo, kw'otegeerera, nti ensi ensuubize etandikira mu Misiri; n'eyambukira ddala eri, mu Palesitayini. N'agamba nti, "Asonze mu bukiikakkono. Era n'Agamba nti tujja kuzaala omwana mu kiseera nga kino omwaka ogujja, era omwana ono ajja kujja abeere omuwanguzi, era y'agenda okununula abantu Be. O, aleruuya Yokebedi!"

150 Agenda okumwetegereza nga yenna apeeruuse. Nga obwenyi bwe, nga yenna atangaaliridde, nga akanudde amaaso ge amalungi yeetegereza. "Yokebedi, mutawaana ki?"

"O, Amulaamu! Nedda, nedda, nedda! Tugenda kuzaala omwana ow'obulenzi?"

"Weewaawo."

151 "Leka, naawe. . .Tekisoboka. Omanyi lwaki? Ha, singa tewafunye kwolesebwa kuno. Okimanyi bulungi, nti Falaawo, atta abaana abawere bonna."

152 "Weewaawo. Naye, omanyi, Katonda bw'anaatuwa omwana ono, era Katonda y'anaamulabirira. Amiina! Katonda asuubizza. Katonda ajja kumulabirira."

153 Kati, enkeera n'agenda okukola. Bwe batyo banne bonna b'akola nabo, ne bekkaanya Amulaamu. Mu kifo ky'okujja, omanyi, nga yenna yeekotese akooye, yajja yeegolodde,

n'abagamba nti, "Muweereze amatoffaali amalala. Mwanguwe, mwanguwe!"

"Mutawaana ki?"

"Ekitiibwa kibe eri Katonda! Katonda agenda kwanukula okusaba." O, nedda . . .

154 Omanyi, kikuleetera okuwulira obulungi bw'ofuna okwanukulwa. Ekyo tetukimanyi, taata ne maama, Katonda bw'akwanukula? Teweetaaga kulaba kwolesebwa. Ggwe manya bumanya nti okwanukulwa weekuli, kye kyokka. Ky'ekyo kyokka, ggwe manya bumanya nti okwanukulwa weekuli.

155 Kati, muwulirize bulungi kati, njagala muwulirize, ekyabaawo. Kati mumanyi, bwe waayitawo akaseera, ne bamubuuza nti, "Naye kati, Amulaamu, mutawaana ki ogukuliko?"

156 "Katonda agenda kwanukula okusaba! Katonda agenda kwanukula okusaba!"

"Kati, Agenda kwanukula atya okusaba?"

"Ekyo tekirina kye kikyusa."

157 Ne wabaawo nnamukadde omu n'ajja, n'amubuuza nti, "Kaakati olowooza Alyanukula ddi?"

158 "Kati, ggwe sigenda kukubuulira, kubanga, era tokkiriza. Mumpeereze amatoffaali amalala." N'agakasukayo munda *bw'atyo* . . . ? . . . Tofaayo; abatakkiriza teweetaaga kubagamba buli kimu, si bwe kiri? Tekirina kye kikyusa. Nedda, ssebo. Mazima ddala. "Mumpeereze amatoffaali amalala. Aleruuya! Agenda kwanukula okusaba!" Bw'otyo bw'owulira bw'okitegeera nti kigenda kubaawo. Si bwe kiri? Yee, ssebo.

"Naye, Agenda kukikola atya?"

159 "Ne bwe nnaakubuulira, era tomanyi, kale genda mu maaso oweereze amatoffaali." Gonna n'agateekayo munda, n'apakirayo amatoffaali ago gonna munda omwo.

160 Ekiro ekyo bwe yaddayo eka, n'agamba nti, "O, Yokebedi, kirowoozeeko, tugenda kuzaala omwana! O, y'agenda okuba omununuzi! Katonda agenda kumusindika. O, kigenda kuba kiyitirivu."

"Ha, naye ndi . . . "

161 "Eh, lekera awo ggwe okweraliikirira! Lekera awo okweraliikirira! Bannange! Katonda ali—Katonda ku luno atutegedde okutu. Katonda alina amatu; Katonda asobola okuwulira. Katonda alina emikono; Asobola okununula." Kale, ha, yalina okukkiriza kungi ddala.

162 Omanyi, bw'osaba n'obotola, ofuna okwanukulwa, mazima ddala ofuna okukkiriza kungi. Ha! Wali osabidde ekintu kyonna, nga okimanyi bulungi nti Katonda agenda kukikukolera? Mmwe abawala abato ekyo mukikola, nammwe abalenzi abato?

Weewaawo. Mazima ddala. Awo we Ya. . . Awo w'omanyira nti kigenda kutuukirira. Kale.

163 Ne wayitawo omwaka. Tuba tuli awo, lumu Amulaamu n'akomawo nga ava okukola olunaku lumu. Era kiki ekyabaawo? Omwana omuwere asingayo okulabika obulungi, ha, nga mulungi nnyo, nga yenkana nga wano *bw'ati*. Omukyala n'amusitula, n'amukwasa Amulaamu. N'amunywegera, nga bwe mumanyi. Yali amwagala okukamala, mukiraba. Kati maama ye yali amuleze. Ha, nga ayagalwa ebitagambika! Maama n'agamba nti, "Ha, naye, ntidde nnyo, omanyi. Omwana ono omuwere, alabika bulungi nnyo."

164 Era mubadde mukimanyi? Bayibuli egamba nti ye mwana eyali asingayo okulabika obulungi eyali azaalidwa. Kati mmanyi bamaama bajja kumpakanya ku nsonga eyo. Uh-huh. Baalowooza nti. . . Maama wo yalowooza nti ggwe mwana omuwere eyali asinga okulabika obulungi. Si bwe kiri? Weewaawo. Ekyo alina eddembe okukirowooza bw'atyo. Naye Bayibuli egamba nti ono yali mwana mulungi. O, yali kya muwendo. Katonda yali amutaddeko emikono Gye, nga bwe mumanyi. Kale, ha, yali alabika bulungi nnyo! Yabeeranga awo, n'a—n'amweenyaamu, nga tannamera mannyo.

165 Tofunangayo muganda wo omuto oba omulala, akola ekintu bwe kityo, nga tannaba ku—kumera mannyo, n'akumwenyeza *bw'atyo*?

Naye olwagira n'akaaba be, "Wah!"

"Ha, bannange, tufudde! Whew! Nkimanyi, leka tumukweke."

"Obadde ki? Okola ki?"

166 "Mukkirize wansi. Ekiragiro omanyi bwe kigamba. Okiraba, abakazi abo abalogo ab'ennyindo ensongovu singa banajja wano, bajja kutwala omwana waffe bamutte. Bwe kiri. Tetulina kumuganya kukaaba." Kale, o, abadde yeetaaga—abadde yeetaaga kya nkya oba kya ggulo. Maama kye yava amutwala mu nsonda, n'amuyonsa, nga bwe mumanyi. Era olwamala okuyonka n'atereera.

167 Kati ne wayitawo ebiro nga biibyo oluvannyuma lw'ekyo, baali bamuzannyisa, n'akaaba be, "Wah!" N'addamu nate, nga bwe mumanyi, n'atandika okukaaba. Mangu nnyo ddala maana n'agenda, n'amukweka—n'amukweka mangu ago bw'atyo. Era mu kisenge ekya wansi, wansi eyo, mu kisenge, Amulaamu yali yakolayo akafo ak'okukwekamu omwana oyo omuto.

168 Baba bakyali awo, ne bawulira ekintu waggulu nga kikuba. . . [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti—Omuk.] *Wuu!* Ne badduka! Buli omu n'afuna we yeekweka, ne bagamba nti, "Be bo. Be bakazi bali abalogo, ab'engalo empanvu, ez'enjala ezijjudde langi!" Era abakazi abo

abalogo. . .Bano ne balingiriza wansi, ne balingiriza mu madirisa, ne bagamba nti, “Weewaawo, be bo. Bayimiridde awo.”

[Ow’oluganda Branham akonkona ku kituuti—Omuk.] “Mugguleewo!”

169 Muzeeyi Amulaamu n’ajja, n’aggulawo oluggi, n’ababuuza nti, “Mwagala ki?”

170 Ne bamugamba nti, “Mulina omwana omuwere mu nnyumba muno, era tukimanyi. Era tugenda kumutwala.”

“Tetulina mwana gwe tugenda kubawa.” Tebaamubawa.

171 “Tugenda kuyingira tunoonye, mu buli ngeri. Tuli basirikale abakazi. Tolaba bbaagi zaffe?” Era ekyo. . .Ekyo tekyewuunyisa omukazi okubeera omuserikale? Naye ne bagamba nti, “Tuli basirikale abakazi. Twaweebwa olukusa okuva mu b’obuyinza!” Mukimanyi nti, ne wano tubalina. Naye ne—ne bamusinza amaanyi, ne bayingira. Ne bayingira munda ne bakebera mu ntebe, ne baggulawo bu duloowa bwonna, buli kintu ne bakisaasaanya ku takka, amasuuka gonna ne bagasikayo ne bagakunkumula. Ne bambuka waggulu ne batuuka taata gye yalina akafo akeekusifu. Ne banoonya buli wamu, naye omwana yababula.

172 Omwana yababula, kye baava balumba omukazi we yali, mukazi wattu—wattu Yokebedi yali awo nga yenna, obwenyi bupeeruuse. Ne basembera we yali, ne bamugamba nti, “Tunula eno! Tukimanyi nti wa—wazadde. Endabika yo ekiraga. Tukimanyi nti oyonsa, era tukimanyi nti omwana oyo waali wano. Tujja kukomawo nate. Tujja kumufuna!” Ne bafuluma mu mulyango. Ne bakubawo oluggi, ne bagenda.

Maama n’agamba nti, “O, o, tukole tutya? Tukole tutya?”

173 Amulaamu kwe kumugamba nti, “Saba.” Ekyo kye kintu kye tulina okukola? [Abalenzi n’abawala bagamba nti, “Weewaawo.”—Omuk.] Ekyo kye kintu? “Saba! Tusabe.”

“O, o, o! Ssimanyi kya—kya kukola. O!”

174 N’amugamba nti, “Kati, labayo, sirika, ogende oyonse omwana. Nze ŋŋenda kwambuka waggulu nsabe.”

175 Bw’atyo n’ayambuka waggulu n’asaba. N’agamba nti, “Yakuwa, Olina amatu. Yakuwa, Olina amaaso. Yakuwa, Osobola okuwulira. Osobola okwanukula okusaba. Ggwe watuwa omwana ono. Ggwe watuwa ekisuubizo Kyo. Era Ojja kukuuma ekisuubizo Kyo, era Ojja kukuuma omwana oyo. Era ndi mukakafu!”

176 Bwe yamala okusaba, nga yenna akooye, n’a—n’anogoka n’agwa wansi *bw’ati* otulo ne tumutwala. [Ow’oluganda Branham ageegeenya okufuluuta—Omuk.] Yali mukoowu nnyo! Yakolanga olunaku lwonna, ate n’asaba ekiro kyonna.

Yali mukoowu. Kati mumanyi ekyabaawo? Yeebaka, n'aloota ekirooto.

177 Mukimanyi nti Katonda ayogerera n'okuyita, mu birooto, si bwe kiri? Mazima ddala, Akikola. Weewaawo, Akikola. Asobola. Mukiraba? Era Ayogera okuyita mu birooto.

178 Ha, bwe yagolokoka, n'agamba nti, [Ow'oluganda Branham akuba entoli n'olugalo lwe—Omuk.] "Ky'ekyo! Ekyo nnandibadde nnakirowoozezzaako. Ekyo kye nteekwa okukola." [Ow'oluganda Branham yakonkona ku kituuti emirundi etaano.] "Naye sigenda kukyogerako."

N'akkirira amadaala. N'agamba nti, "Yokebedi!"

"Wangi, mukwano? O, nze nnyenjebuse. Nnemeddwa n'okwebaka."

"Ha, genda weebake. Genda weebake. Kiwedde."

"Omanyira ku ki?"

"Ha, nkimanyi. Ndi mukakafu!"

179 Ekiro ekyo, mu kifo kya taata, okugenda waggulu okusaba, yakkirira wansi. Yali eyo nga alina by'akola. Nneebuuza kiki kye yali akola. Leka tukkirireyokko tumulabe. Mmulaba wansi eyo, amuumuunya . . . [Ow'oluganda Branham atandika okumuumuunya, nga ageegeenya okuba nga omuntu aliko ky'azimba—Omuk.] "N'asiba, n'asiba, n'asiba." [Ow'oluganda Branham amuumuunya.] N'akwata ekitoogo kino, n'akyetegereza, n'akinyolamu alabe oba nga kirungi. [Ow'oluganda Branham amuumuunya.] Omuto Alooni ku olwo yali yagenze, n'akuŋŋaanyayo ekinywa ky'ebitoogo, n'abiteeka wansi eyo, nga bwe mumanyi. [Ow'oluganda Branham amuumuunya.] "Katonda akulabirira." [Ow'oluganda Branham amuumuunya.] "Enzikiriza eri ey'edda, yonna eteekwa okuba ey'amazima!" [Ow'oluganda Branham abaako ekintu ky'akubako.] N'azisiba wamu.

Mukyala we n'amubuuza nti, "Amulaamu, obadde ki?"

"Aleruuya! Tewali, mukwano. Genda mu maaso n'ebibyo."

180 [Ow'oluganda Branham amuumuunya—Omuk.] "Eyo y'enzikiriza eri ey'edda." [Ow'oluganda Branham addamu okubaako ky'akuba.] "Eyo y'enzikiriza eri ey'edda." N'asikayo kino *wano* n'akisembeza, bwatyo. "Eyo y'enzikiriza eri ey'edda." "Shhhhhhh," kyonna n'akisiba wamu. "Era eyo emmala! Mpa enzikiriza eri ey'edda . . . " Alina kye yali akola.

181 Omanyi, bwe waayitawo wiiki nga emu oba bbiri, baabeera, beewunya kiki kye yali akola.

182 Kati lumu ekiro bonna bwe baali beebase, ne yeesolossa mpola mpola n'aggyayo ekintu kino waggulu, nga bwe mumanyi. N'akisitula waggulu *bw'ati*. N'akyambusa waggulu. N'asitula ekibikka Yokebedi mukyala we w'asula, n'akisonseka wansi

w'ekibikka. Nga omuto Alooni ne—n'omuto Miriyamu beebase, nga bwe mumanyi; ha, kaali kawala akalungi ennyo, akawala ako akato, n'omuto Alooni bwe yali. Bw'atyo, n'akisonseka wansi eyo. N'ayita nti, "Yokebedi, mukwano."

183 N'amubuuza nti, "Obadde mu mwaliiro ogusembayo wansi nga osaba ku ssaawa zino ez'ekiro, Amulaamu?"

N'agamba nti, "Nedda. Mbadde mu mwaliiro ogusembayo wansi, nga ntendereza Katonda."

N'amubuuza nti, "Obadde okola ki?"

184 N'amugamba nti, "Kye njagala nkubuulire. Kati, okimanyi bulungi nti abakazi bali abalogo bakomawo."

"Weewaawo."

185 "Era njagala nkubuulire kye tugenda okukola. Omwana ono twakamukwekera emyezi esatu, naye kati we bituuse tuteekwa okumweggyako."

"O, Amulaamu! Oyagala kukola ki?"

"Omwana tulina okumweggyako."

"Tulina okweggyako omwana?"

"Weewaawo."

"Kale, bannange olina omutima omubi!"

"Nedda, sirina mutima mubi. Nedda, nedda, nedda. Kye nkola nkimanyi."

186 "Kiki ky'otegeeza? Naawe, ojja kuba mubi nga Falaawo. Ogenda kweggyako omwana waffe?"

"Weewaawo, omwana tugenda kumweggyako."

"Nedda, tetusobola!"

187 "Kaakati wuliriza. Bwe tumusigaza, tugenda kumufiirwa. Naye singa tumuwaayo eri Oyo eyamutuwa, Ajja kumuzuula." Si bwe kiri? "Kati, bw'omusigaza, tujja kumufiirwa."

"Onaamufiirwa otya?"

"Weewaawo, abakazi bali abalogo bajja kujja bamukime."

188 Kati labayo, naawe emmeeme eyo singa onaagyesigaliza n'ogenda mu maaso nga weeyisa nga ensi bwe yeeyisa, ojja kugifiirwa. Abalogo ba ggeyeena bakulondoola. Ate ekyo kituufu. Obusirusiru bw'omu nsi buno bwonna n'ebintu ebiri ebweru eyo, bikunoonya. Singa togiwaayo, ojja kugifiirwa; naye singa ogiwaayo eri Oyo eyagikuwa, ojja kugizuula era obeere nayo. Kati tugambye tutya? Bwe tugisigaza ne tutagiwaayo, tukola tutya? [Abaana baddamu nti, "Tugifiirwa."—Omuk.] Tugifiirwa. Ate bwe tugiwaayo eri Kristo, tukola ki? Tugifuna. ["Tugifuna."] Amiina! Ekyo kirungi. Kaakati mwanukudde bulungi.

189 Kati n'amugamba nti, "Yokebedi, tugenda kumufiirwa singa tumusigaza ne tutamuwaayo. Naye singa tumuwaayo—tumuwaayo eri Oyo eyamutuwa, awo tujja kuba tumukuumye."

190 Kati naawe olina emmeeme. Ne, maama ne taata, nabo balina emmeeme. Naye emmeeme eyo bw'ogyesigaliza n'otagiwaayo, ojja kugifiirwa. Bwe kiri. Abakazi abalogo ab'omu ggeyeena bajja kugitwala. Baginoonya! Naye singa ogiwaayo eri Oyo Eyagikuwa, ojja kugisigaza okutuusa mu Bulamu obw'emirembe egitaggwaawo. Aleruuya! Amiina! Munsonyiweko, abaana, ndi wa nkola nka—nkadde kale nnina okuleekaana. Bw'ogyesigaliza n'otagiwaayo . . . Leka tukyogere, fenna wamu: [Ekibiina kiddiramu wamu n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] "Bw'ogyesigaliza n'otagiwaayo, ojja kugifiirwa; bw'ogiddiza Oyo Eyagikuwa, ojja kugikuuma." Amiina. Kaakati jjukira, okugimuwa.

191 Kaakati leka twekkaanye. O, n'atandika okukaaba. N'amugamba nti, "O, kaakati ogenda kumukola otya?" bwe yagamba.

"Labayo wano, waliwo kye njagala okukulaga."

"Kiki kye watadde wansi w'ekitanda kyange?"

N'amugamba nti, "Leka nkikulage." N'akisikayo.

"Ha, kibaya ekikoleddwa mu bitoogo!"

192 Mmeeri, entono. Tekaliiko kyuma kiketta mayengo, tekaliiko matanga, tekaliiko mizinga, naye ate kagenda kwetikka ekitereke ekisingayo okuba eky'omuwendo ekyali kyetikiddwa emmeeri, okutuuka mu kiseera ekyo. Mukiwulire! Tekaalina mugoba yadde abantu abakakolako. Ow'oluganda, mmanyiiyo n'Emmeeri, bw'etyo, ey'abantu abakulu!

193 "Ha," n'agamba nti, "Amul- . . . leka nkalabe, Amulaamu, leka nkalabe." N'asembera we kali.

194 N'amugamba nti, "Labayo wano, kaliko n'akabikkako. Olaba?" N'asikayo n'akabikkako.

Maama n'agamba nti, "Wuu! Nga kawunya! Uh! Wuu! Bannange!"

N'amugamba nti, "Weewaawo, kawunya."

"Lwaki?"

195 "Nnakayiyeemu koolasi. Konna kaasiigiiddwa koolasi munda ne ku ngulu." Koolasi mumumanyi, kale baakasiiga koolasi konna munda ne ku ngulu. By'ebyo bye yasaanuusanga wansi eno, n'abiyiwa ku ngulu ku bitoogo bino. Yali akasiize konna. N'amugamba nti, "Olaba, kati amazzi tegayinza kukayingiramu. Okiraba, konna kaasibiddwa koolasi." N'amugamba nti, "Era tegayinza kukayingiramu, amazzi tegayinza. Nnakasiize koolasi."

N'agamba nti, "Wuu! Naye awunya bubi!"

196 Mmwe abaana koolasi mumumanyi, gwe bakozesa nga baddaabiriza oluguudo, "Ha, abeera awunya bubi nnyo!" Naye a—a—akuuma e. . . A—aziba enjatika zonna ezibeera mu luguudo. Kati n'ono bw'atyo bw'akola, aggalira amazzi gonna ne gatayingira munda.

197 Era ekyo okusaba kye kukola eri omukkiriza. Ekyo kye kikuumira ensi wabweru n'etakuyingiramu, kwe kubeera nga weebugiriza n'obeera ku maviivi go, nga ogamba nti, "Mukama Yesu!" Olwo Omusaayi ne gukka wansi, ne gukuzibikira wenna ssetaani n'atayinza kukutuukako. Mukiraba? Bwe kiri. Mukiraba? Kale kati, ha, emirundi mingi abantu bagenda bagamba mbu okusaba kuzibu nnyo, naye, ekyo tekirina kye kikyusa, kukukuuma nga oliko obukuumi. Ekyo kye kintu ekikulu, kukukuuma nga oliko obukuumi. Bajja kugamba nti, "Oli wa nkola nkadde," naye, ekyo si kikulu, kukukuuma nga oliko obukuumi.

"Kale," n'amubuuza nti, "kaakati tugenda kukola tutya?"

198 "Kale," n'agamba nti, "leka nkubuulire kye tugenda okukola. Tugenda kutwala omwana, era tugenda kumusiibula. Era tugenda kuddira omwana tumuteeke muno, tumuteeke ku Mugga Kiyiira."

199 "O! Nedda! Nedda! Nedda! Amulaamu, tosobola kuteeka mwana waffe ku mugga."

200 "Yee! Yee! Kye nkola nkimanyi." Mulaba, yali yaloota ekirooto, eky'okukola yali akimanyi. Mukiraba, Katonda yali amulaze ky'aba akola. Eky'okukola yali akimanyi. Yazimba akantu kano, n'alaba nga kali nga ekifaananyi kyennyini eky'ekyombo kya Nuuwa mu biro bye we yabeererawo.

201 Kye yava amugamba nti, "Labayo eno, nnataddeko n'akatuli ku ngulu, asobole okussa. Olaba, asobole okufuna omusana."

202 Era mukimamyi nti, n'ekyombo mu Bayibuli Enkadde, emabega eri, nakyo kyali kyakolebwa mu ngeri y'emu. Nakyo kyaliko ekituli waggulu waakyo, nga osobola okulaba munda, mukiraba, era we yali asobola okulabiranga.

203 Kale kati omwana ono bambi, ataalina linnya, yali tannatuumibwa na linnya; omwana omuwere, atalina linnya, kyokka nga ye mwana omuwere asingayo obulungi mu nsi.

204 Enkeera, bwe baayingira munda, ne balindirira okutuusa ku ssaawa nga mwenda nga obudde bugenda okukya, ne. . . N'atambula n'agenda erudda. N'asooka asaba. N'ajja erudda, n'agamba nti, "Kati nno jangu, Yokebedi, golokoka!"

205 Bwe batyo ne bagolokosa omuto Alooni n'omuto Miriyamu. O, n'ajja n'amuteekako emikono gye, n'agamba nti, "Taata!" Omuto Miryamu, n'amugamba nti, "Ka nsuubire muganda waffe, omuto, omuwere, togenda kumutwala, omuteeke ku mugga Kiyira omuli zi goonya ezo zonna?"

206 N'amuyisa engalo mu nviiri nga bw'azizza emabega *bw'ati*. Wamu ne. . . Yalina amaaso amalungi, n'enviiri ennungi. N'amunywegera ku ttama ku ludda olumu. N'amugamba nti, "Mukwano, nange, kinnuma. Nange, kinnuma, naye kino tuteekwa okukikola."

207 Mukiraba, mmwe abawala nammwe abalenzi abato, ebiseera ebimu tulina okukola ebintu ebiringa ebitulumya, naye ate, mu buli ngeri tuteekwa okubikola. Abawala bwe banaakubuuza nti, "Owaaye ggwe, wali onywedde ku ssigala?"

Ojja kubagamba nti, "Nedda."

208 "Kati nno, ggezaako! Ha, nze ndi mukwano gwo, okimanyi. Kwata, ogezeeko."

209 Naye ggwe, kiyinza okukuyisa obubi, naye mugambe nti, "Huh-uh. Simwagala." Okiraba? Okiraba? "Simwagala."

Bw'akubuuza nti, "Wandyagadde okujja, tugende fenna mu firimu akawungeezi ka leero?"

210 "Nedda, nedda. Huh-uh. Ssigenda mu firimu." Okiraba? Kiyinza okukuyisa obubi okukimugamba. Okiraba?

211 "Ha, oli wa nkola nkadde naawe." Ekyo tokikkiriza. Kiyinza okukuyisa obubi. Ggwe kyuka bukyusi otunule eri; ekyo ky'ekintu ekituufu ky'olina okukola, okiraba. Bulijjo ekyo ky'oba okola, kola ekintu ekituufu. Kale.

212 Era kati abawala bwe babeera bayiga okuzina amazina gano ge bazina nga basimbye obugere bwe batyo, nga baagala naawe okikole; bagambe kimu, "Nedda, nedda." Ggwe tokikola, okiraba.

213 "Ha, naye, binyuma okukamala." Tofaayo oba binyuma kwenkana wa. Oyagala kukola ekyo ekituufu, kale bulijjo kolanga ekyo ekituufu. Kaakati, ekyo mukijjukirenga. Temujja kukyerabira, si bwe kiri?

214 Kaakati, kaakati kiki kye baakola? Baatwala omwana, ne batuukayo. Ne Alooni omuto n'abuuza, n'agamba nti, "Taata, omwana waffe ogenda kumukola ki?"

215 N'amugamba nti "Alooni, jangu wano nkulere, mukwano." N'amugamba nti, "Labayo, Alooni. Omwana bwe tutamuwaayo, tujja kukola ki?" [Ekibiina kiddamu nti, "Kumufiirwa."—Omuk.] "Kumufiirwa. Naye omwana bwe tumuzzaayo mu mikono gy'Oyo eyamutuwa, tunaakola ki?" ["Tujja kumusigaza."] "Tujja kumusigaza." Bwe kiri.

"Naye kati ogenda kukikola otya, taata?"

216 "Ssimanyi. Ssimanyi bwe kigenda kukolebwa, naye Katonda agenda kukikola." Mukiraba?

217 Bwe batyo ne bateekamu omwana, wuuyo n'agenda. Era baabo ne basimbula, okwolekera omulyango. Ne bagenda ku luggi, n'atunula erudda *eno* mu luguudo, n'erudda *eri*

mu luguudo. Nga tewali, muntu n'omu ajja. N'agamba nti, "Jangu, Yokebedi. Jangu, Alooni. Jangu, jangu, Miriyamu. Mujje tugende."

218 Ne basitula akabaya ne baserengeta emmanga mu bimuli by'oku mazzi ebiri ku mugga. O, nga wakyabulayo essaawa nnyingi obudde bukye. Omuto Alooni n'ajja, nga ava emabega nga akutte Miriyamu ku mukono, bambi kasajja kattu ne kakazi kattu, nga bukaaba. Nga ne mukazi wattu Yokebedi, bw'agenda agoberera, bw'anyiiziira, "nga afeesa, bw'afeesa, bw'afeesa, bw'afeesa."

"Sh-sh-sh-sh-sh! Nga bwe beetegereza mu luguudo. Mwegendereze. Sh! Mwegendereze." Nga bwe batambula mu luguudo. "Sh-sh-sh! Mwegendereze." Nga basitudde omwana. Kati maama ye yali asitudde omwana, nga—nga taata akutte akabaya.

219 Ne batuuka ku mugga. Ha, mugga omunene ennyo, ndowooza, gwe gw'okubiri mu bunene mu nsi yonna. Kale, kati, nga mugga munene nnyo, ate gukulukutira ku misinde emiyitirivu, gujjuddemu goonya n'enswaswa ezaakula ne ziwola. Ha, zaali zaagejja. Wuu! Baali baaziriisa abaana abato bali bonna. Nga nnene. Kye—kye yava agamba, Yokebedi kye yava abuuza Amulaamu, omwami we nti, "O, naye watya singa enswaswa zimukwata? Watya singa goonya zino zimukwata?"

220 N'amugamba nti, "Teweeraliikirira. Bwe zinaawunyirirwa kkoolaasi oyo, zijja kudduka, okiraba. Y'ensonga lwaki awunya, okiraba. Ejja kujjayo ennyindo yaayo," n'agamba nti, "ewunyirize naye nga tesobola kuwunyiriza mubiri gwa muntu, ebiveeko egende. Kkoolaasi oyo ajja kuziwunyira bubi nnyo zidduke. Ajja kuba bulungi. Teweraliikirira." Bwe batyo ne ba . . . Akabaya, ne bakawumuza wansi. N'agamba nti . . . "Kati yonsa omwana."

221 Maama n'akwata omwana n'amuyonsa, n'amuyonsa okutuusa lwe yafuna eky'enkya kye, ku makya ennyo. Bwe yamaliriza okumuyonsa n'a [Ow'oluganda Branham akola eddoboozi nga ery'okunywegera—Omuk.] n'amunywegera. N'agamba nti, "Kati, Alooni, naawe munywegere." Ne Alooni n'amunywegera. N'amuwa Miriyamu, naye n'amunywegera. Ne maama n'amunywegera, n'agamba nti, "O," n'agamba nti, "Mpulira si . . . "

222 "Owaaye, sh-sh-sh! Kati muwulire, tulina kuba bajaasi. Mukiraba? Tulina kuba bajaasi. Kati mwenna mwandyagadde okuddamu okumunywegera?" Bonna ne baddamu ne bamunywegera, omulundi omulala, nate. Bwe baamaliriza ne bamuteekamu.

223 Maama n'azinga ka bulangiti akatono, n'akamuteekako, n'akatto. N'akateekamu. N'agamba nti, "Omwana wange omwagalwa, Katonda akuwe omukisa."

"Sh-sh-sh! Kati, Katonda ebyo ajja kubirabirira. Teweraliikirira."

224 N'abikkako ekisaanikira. Era ekyaddirira, taata n'aggyamu ekizibaawo kye, n'aggyamu essaati ye. N'atanula okuyingira munda mu mazzi.

225 Mulowooza kiki ekyali kigenda mu maaso mu Ggulu, mu kiseera kino? Aleruuya! Omanyi, bwe wabaawo ebigenda mu maaso wano, ne, waggulu Eri wabaayo ekiba kigenda mu maaso. Amiina! Ndaba Katonda nga asituka okuva ku Ntebe Ye, n'atambula n'avaayo, n'abuuza nti, "Gabulyeri! Gabulyeri! Oli ludda wa?"

Gabulyeri n'agamba nti, "Nzuuno, Mukama wange."

226 "Jangu wano! Ŋŋenda kubaako ne kye nkulaga!" N'agamba nti, "Mwenna Bamalayika musooke, mujje wano, Nnina kye njagala okubalaga. Nnina abantu abanzikiriza. Weewaawo, Nnina abantu abanneesiga. Musooke, mujje wano! Kirungi mwenna Bamalayika, kino mukirabe. Mulabeeyo!"

"Kiri ludda wa?"

"Kiri wansi eri. Mulabeeyo."

"Weewaawo, weewaawo. Weewaawo, nkiraba."

227 "Labayo wano eno. Olaba ebiddoddo ebyo—ebyo—ebisagazi ebyo, ebimuli ebyo eby'oku mazzi n'ebintu ebyo?"

"Weewaawo."

"Olaba ekigenda mu maaso!"

"Kiki?"

228 "Waliwo omusajja ayimusizza emikono gye mu bbanga, afukamidde ku maviivi ge, ankowoola. Waliwo maama akaaba, n'abaana babiri abakaaba. Abantaddemu obwesige okutuusa ku nkomerero. Gabulyeri, ojjukira lwe wagendayo? Omusajja oyo omujjukira?"

229 "Weewaawo, Nnamusisinkana mu kisenge ekiro ekyo ne njogera naye. Uh-huh."

230 "Akyanneesiga. Nnina abantu abanzikiriza! Nnina abantu abananneesiga okutuusa ku nkomerero!" [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti emirundi mukaaga—Omuk.] "Omulaba? Mutunuulire."

"Weewaawo, ha, ekyo si kya buzira!"

231 Taata ayingidde mu mazzi, atandise okusindika akabaya.

Mmuwulira nga agamba nti, "Gabulyeri!"

"Weewaawo, Mukama wange?"

232 "Yita Bamalayika omutwalo mulamba bajje. Bawe ebiragiro bye balina okugoberera. Yita eggye ly'Eggulu lyonna liveeyo. Basindike bonna bonna buli wamu wonna, okwetoloola

ebisenge by'Eggulu, obateeke ne ku mugga Kiyiira. Ndagira nti tewaba goonya ekwata ku kitereke ekyo! Tewaba ekintu kyonna ekikikwatako! Tokkiriza wadde ekiti okukisemberera." Aleruuya!

233 Gabulyeri n'agamba nti, "Kigenda kukolebwa." Bannange! N'afuuwa ekkondeere! Bamalayika omutwalo mulamba ne basimba ennyiriri!

"Omugoba. Ogenda kubeera wa, Mukama?"

234 "Nja kubeera ku ludda luli." Ye bulijjo abeera ku ludda luli awatuukirwa. "Nze ŋŋenda kulindira ku ludda luli. Nnina ekigendererwa. Abantu bwe banneesiga, Mba nnina ekintu, ekigendererwa; bajja kuba bulungi." Kale, Ye n'agenda ku ludda luli.

235 Ndaba Musa. . .manyanga omuto Alooni ne bali abalala, batambula mu luguudo baddayo, bagenda bakaaba. "Sh-sh-sh-sh-! Mwegendereze."

236 Nga omuto Miriyamu, akyayimiridde, yeetegereza. Nga bw'agamba nti, "Ha! Ha!"

237 N'amugamba nti, "Jangu, Miriyamu, obudde bukedde. Jangu, enkoko zitandise okukookolima ekiraga nti obudde bukedde. Jangu, obudde busaasaana. Jangu, tugende, mukwano!"

238 N'agamba nti, "O, taata, taata! Nkwegayiridde, leka ndabeko omulundi gumu gwokka. Leka njira nkyayimiridde, leka ngira ntunula ndabe ekinaddirira. Ŋŋenda kukomawo eka mu kaseera katono."

239 "O," [Ow'oluganda Branham akuba entoli n'olugalo lwe—Omuk.] "eyo nno ndowooza nnungi, Miriyamu. Kyandiba ekirungi. Ggwe yimirira awo olabe ekinaddirira."

"Kale, ŋŋenda—ŋŋenda kwetegereza."

240 "Kati, oyanguwa okukomawo eka. Laba bulabi ekinaabaawo. Oluvannyuma okomewo, otuwe amawulire, ekinaaba kibaddewo."

"Kale, taata." Ne bagenda, baalina okwanguwako.

241 Omuto Miriyamu, n'ayimirira awo ne yeetegereza. Mu kaseera katono, obudde ne bukya. "Ha, ha, ha, kiki ekyo ekijja? Eyo—eyo ndoddo ya muti. Nedda. Eyo nswaswa? Ha, ekyuse n'eddayo."

242 Ha-ha! Yalaba ki? Yalaba abantu abasinga obungi kye batalaba. Mukiraba? Akatereke ako kaagenda, kaseeyeeya ku ngulu ku mazzi. Baalowooza tekaalina muvuzi; baalowooza tekaalina mugoba. Naye kaalina. Bonna baali bakeetoolodde.

243 Ne wajja ka goonya akato, ne kagamba nti, "Ha, labayo wali!" Ne kajja nga kaseeyeeya ku mazzi *bwe kati*. Ne

kagenda. . . Ha, nedda. Nedda, nedda. Tekayinza kusemberera kitereke ekyo.

Mu kyo mwalimu omuwi w'eddembe, omununuzi, w'obukadde bubiri obw'Abayudaaya abaali beetaaga okununulibwa. [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti emirundi etaano—Omuk.] Emizimu gyonna egy'omu ggeyeena gyali tegiyinza kumukwatako. Yagenda aseeyeeya, wansi eyo ku mugga mu kabaya kano akaali kasiigiddwa kkoolaasi.

244 Ekyavaamu, ne katuuka awaali akateebe. "Ha!" Miriyamu n'agamba nti, "Ha! Ha! Labayo! Laba, akateebe ako! Kalabe!" Naye ekyaddirira, ne kayitawo.

245 Bwe kityo bwe kibeera. Ebiseera ebimu, tutuuka awali akateebe, mu kaato kano. Teweeraliikirira. Waliwo Akulaba. "Bamalayika ba Katonda basiisira okwetoloola abo abamutya." Mu kaseera kano alina omutwalo mulamba abaawereddwa ebiragiro.

246 Omuto Miriyamu, n'aserengeta, n'alinnya waggulu ku lwazi luno olunene, n'akkirira wansi *bw'ati*. N'adduka, n'alengera akabaya. Ne yeeyongerayo okuyita *wano*, n'ayita mu bimuli bino eby'oku mazzi. Oluvannyumako akabaya ne kabaako we kaasikattira. N'agamba nti, "Ha! Ha, oba kiki ekibaddewo!"

247 (Kati, taata we yali yamugambye, nti, "Tokkiriza omuntu yenna okukulaba nga otunuulira akabaya ako. Bwe wabaawo omuntu yenna ajja, weefuule nga atakatunuulira, weefuule ali ku birala. Te—teweeyisa nga akatunuulira wadde n'akatono, ggwe beera nga ayitawo." N'agamba nti, "Kale.")

248 N'agenda ku lubalama. Akombo ne kasikattira. Agenda okwetegereza, nga waliwo ekibinja ky'abavubi. Ne yeefuula nga akawala akato akayitawo. Ku, ssaawa awo nga nnya ez'oku makya, omanyi, n'atambula nga agenda ku mugga. Nga bw'akubayo eriiso, nga alabira ku mabbalibbali, okulaba gye kadda.

249 Oluvannyuma n'ayita ku kibinja ekirala. N'asigala nga akagobereza amaaso; ne yeeyongerayokko mu maaso. N'agenda, ne yeeyongerayokko mu maaso.

250 Ne wayitawo akaseera n'atuuka ku kisenge ekinene. "Ha, bannange, omugga gukulukuta ne gugguka emabega w'ekisenge kino!" Ayinza kukola ki? Tamanyi kya kukola. Kati tasobola kuwalampa kisenge kino, kye yava alinnya mu mazzi n'akirinnyako *bw'ati,* ne yeewalula n'atuuka waggulu. N'atuuka erudda, n'agenda mu maaso nga atambula.

251 Agenda okwesanga, nga ali mu nnimiro ennungi. Mulimu ebimuli ebimulisizza buli wamu, nga erabika bulungi nnyo. Kati njagala muwulirize. Kaakati mwetegereze, mmwe abawala abato. Ebimuli ebirungi, era, ha, nga emiti gyonna gikomoddwa. Kyali kirabika bulungi nnyo! Kyali kifo ekiwummulirwamu.

"Ha," n'agamba nti, "lengera, kiri eri! Ha, bannange! Ndi mu kifo ky'omu lubiri ekiwummulirwamu, mu lubiri lwa Falaawo, mu kifo gye bawummulira. Ŋŋenda kukola ki wano? Singa bansanga wano, ha, bannange, bayinza kunkola ki?"

252 Ne yeetegereza. Akabaya ne kaseeyeeya, ne kaba nga akayimiriramu awo ku mazzi, ne kaseeyeeyeza awo ku ngulu, ku mazzi. Nnneewuunya lwaki. N'awulira omuntu ayogera. Ne yeekweka mu kasiko. N'atuula, ne yeetoolooza amaaso *bw'ati*, nga bwe mumanyi, omuto Miriyamu n'atandika okulingiza, alabe akabaya.

253 Yagenda okulaba, wajja abasajja abaddugavu ab'amaanyi nga bakutte manvuuli enneene bwe *bati*. Abazaana ne bagoberera, nga bwe bayimba. Ne wajja omukazi, nga yeesibye omuge omunene ogwa zzaabu ku mutwe gwe, nga guliko omusota omunene ogwasamizza akamwa kaagwo (bwe *guti*) mu maaso gaagwo. Nga mukazi alabika obulungi okukamala, n'ajja. Nga ayambadde ebyambalo ebirungi ennyo, n'ebintu ebirala. Era mpulira omu ku bazaana nga agamba nti, "Ow'ekitiibwa, olowooza enkya ya leero amazzi ganaaba gabuguma?"

254 Miriyamu n'agamba nti, "'Ow'ekitiibwa'? Ha, oyo ateekwa kuba mumbejja, nteekwa okuba ndi mu kifo kya mu lubiri mwe bawummulira. Naye kati bwe bankwatira wano, bagenda kunkola ki?"

255 Kale, n'akkirira wansi, nga abasajja bano abanene abaddugavu basitudde empagi bwe *bati,* n'ajja n'atuukira ddala ku mazzi *bw'ati*, n'aggyamu engatto ze. Nga omu ku bazaana akutte tawulo, nga omulala akutte ssabbuuni. Era yali agenda kunaabako ku makya. Bw'atyo n'agenda n'atuula awo n'atandika o—okweteekateeka okunaaba. N'aggyamu engatto ze. N'agamba nti, "Leka nninnyeko mu mazzi katono ndabe oba gabugumye. O, gabuguma bulungi, naye. . . Kiki ekyo kye ndaba?"

256 "Ha!" Miriyamu, omuto Miriyamu n'agamba nti, "Ha! Uh-oh, akabaya akalengedde."

"Ha," omumbejja n'abuuza nti, "eyo goonya?"

257 Omu ku basajja abo ab'amaanyi n'agamba nti, "Leka, ŋŋende ndabe." Whaa, whaa, whaa, n'ayingira amazzi. N'akasitula waggulu *bw'ati*, n'atambula. N'agamba nti, "Ow'ekitiibwa!" N'akawa omuzaana. Omuzaana n'akatwala n'akawa omumbejja *bw'ati*, n'akatuuza wansi.

258 N'agamba nti, "Kaki kano? Wuu, nga kawunya bubi! Konna kajjuddde kkolaasi. Mulabeeyo, kaliko akatuli ku ngulu."

259 Miriyamu n'agamba nti, "Ha! Ha, muto wange awedde! Muto wange awedde!"

260 Bwe batyo ne bakabikkula *bwe bati*. "Ha, obwedda mwana muwere!" Ne katandika. . . Omwana omuwere asingayo

obulungi mu nsi! Era, ha, Katonda Oyo asobola okuleeta obukyayi, asobola n'okuleeta okwagala; era okwagala kwonna kwe yali Asobola okuteeka mu mutima gw'omuntu, okubeera maama eri omwana, Yakuteeka mu mutima gw'omuwala oyo. Kye yava a—agamba nti, "Ono y'omu ku Bae-. . .Kino mmanyi kwe kivudde okuba bwe kiti. Kivudde ku kitange oyo ow'omutima omubi! Alina omutima omubi ennyo! Yalagira batte abaana Abaebbulaniya bonna. Bambi omu ku ba maama kye yavudde asuula omwana we, nga asuubira anaabaako yonna gy'anaasibira. Bannange, nga mubi nnyo! Naye, ono tajja kumutta, kubanga ono wange." Uh-huh, mulaba Katonda bw'akola?

261 N'amusitula, era [Ow'oluganda Branham akola eddoboozi ery'okunywegera—Omuk.] n'amunywegera. Omwana n'akaaba. Era bwe yakaaba, n'akwatibwako. N'agamba nti, "Ka bambi." N'agamba nti, "Ŋŋenda kumutwala era ŋŋenda kumuyita. . . Ŋŋenda kumuwa erinnya." Era awo wennyini we waava erinnya lye.

262 Erinnya lye baali bamuyita ani? [Ekibiina kiddamu nti, "Musa."—Omuk.] Musa. Era *Musa* kitegeeza nti "yaggyibwa mu mazzi." Mukiraba?

263 N'agamba nti, "Kati ŋŋenda kumutuuma Musa, era agenda kubeera mwana wange. Ŋŋenda kumukuuma. Naye kati," n'agamba nti, "naye ndi muwala muto, siyinza kumuyonsa. Si—si—sirina bwe nnaamuliisa." Tebaalina nnywanto zino n'ebirala bwe bityo mu biseera ebyo. Abakazi tebaanywanga sigala nga bwe bakola kati, mukiraba, na kunywa butwa nga balaba. N'agamba nti, "Naye, bwe muba mumanyi. . . " N'agamba nti, "Nnaakola ntya—ntya?" N'agamba nti, "Nja. . . "

264 Omu ku bo n'amugamba nti, "Leka nkubuulire, ow'ekitiibwa, nze nja kukufunira omulezi eyakazaala akuyonseze omwana wo."

"O," n'agamba nti, "ekyo kirungi nnyo." Omuto. . .

265 Ne wabaawo ekyayogera, Malayika yali ayimiridde mu kasiko, n'agamba nti, "Miriyamu, kano ke kakisa k'olina! Kano ke kakisa k'olina!" Omuto Miriyamu ne yeesowolayo. N'amugamba nti, "Tobaako ky'oyogera kati, togeza. Ggwe genda ogambe kimu nti 'ŋŋenda kufuna omulezi,' ogende oleete maama wo."

Kale, naye n'ayogera bw'atyo. N'agamba nti, "Ow'ekitiibwa!"

266 Kati, mu mbeera eya bulijjo, yandimubuuzizza nti, "Okolaki wano?" Naye, mulaba, byonna Katonda yali yabikozeeko. Lwaki? Yalina Bamalayika omutwalo mulamba abaalina ebiragiro. Mukiraba? Enteekateeka Ye egenda kutuukirira. Yalina Bamalayika omutwalo mulamba nga bayimiridde awo.

267 Kale ekyaddirira, n'amugamba nti, "Ow'eki . . ."

N'amugamba nti, "Wangi, mukwano, okola ki wano?"

268 N'agamba nti, "Nkulabye n'omwana omuwere." N'agamba nti, "Mmanyi awali maama omulungi asobola okukulabiririra omwana wo."

269 N'amugamba nti, "Genda, omuleete, era omugambe nti nja kumuwanga ddoola ebikumi bisatu buli wiiki okulabirira omwana ono, era nja kumuwa ebisenge ebyetongodde mw'anaabeeranga mu lubiri. Era bw'oba omanyi awali omukazi Omwebbulaniya, omulezi, asobola okuyonsa omwana ono, ono mwana wange."

N'agamba nti, "Weewaawo, ow'ekitiibwa, nja mukufunira."

270 N'amugamba nti, "Kati, sooka olindeko katono! Nga tonnayingira mu lubiri, oteekwa okufuna paasiwaadi. Olaba, paasiwaadi togimanyi. Buli lunaku tubeera ne paasiwaadi yaalwo. Kati, paasiwaadi ya leero, mumanyi kye lwali? 'Ekkabi n'entuumu y'omuddo.'" N'amugamba nti, "Ekyo ky'olina okwogera okuyita ku wankaaki."

271 Bw'atyo omuto Miriyamu n'afubutuka okudda eka, ku misinde emiyitirivu, n'abuuka ekisenge, n'atuuka mu kkubo, wuuno erudda *eno*, wuuno erudda *eno*, ku misinde emiyitirivu. N'ayingira mu nnyumba.

272 Era—era Amulaamu yali yaakakomawo eka, ne Yokebedi. Era, ha, baali banakuwavu, nga beebuuza kiki ekigenda mu maaso. N'agamba nti, "Omwana wange bambi! Omwana wange bambi!" Ya . . .

273 N'amugamba nti, "Kati wuliriza." N'agamba nti, "Nnaakava emmanga wali, naye mukazi wattu oli bambi buli omu yamutadde ku bunkenke olunaku lwonna. Baayise mu muliraano guno enkya ya leero, ne babetenta buli mutwe gwa buli mwana ali mu muliraano." N'agamba nti, "Babadde bakaaba nga balaajana ebitagambika! Kati, simanyi, mwana wo, wa gy'ali. Simanyi mwana waffe gy'ali, naye Katonda ajja kumulabirira."

274 Mu kaseera ako ne wabaawo aggunda oluggi . . . [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti emirundi ena—Omuk.] "Ha! Ha! Baabo, bali ku luggi." Ne, bagenda okulaba. Nedda, si be bo. Abadde Miriyamu.

275 Maama n'agamba nti, "O! O, Miriyamu! Yingira, mukwano! Kiki ekyatuuse ku mwana?"

N'agamba nti, "Maama, enjala enzita."

N'amubuuza nti, "Naye kiki ekyatuuse ku mwana?"

276 N'agamba nti, "Enjala enzita, maama." N'agamba nti, "O, Mukama yeebazibwe! Aleruuya! Enjala enzita, maama."

N'amubuuza nti, "Naye kiki ekyatuuse ku mwana?"

277 N'agamba nti, "Maama, enjala enzita nsobola okulya buli kimu ekiri mu nnyumba."

278 N'amugamba nti, "Tugenda kukufunira eky'okulya, naye kiki ekyatuuse ku mwana?" [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti emirundi esatu—Omuk.]

279 N'agamba nti, "Ha, omwana ali bulungi, maama. Ggwe mpa eky'okulya. O, ndi musanyufu nnyo!"

"Naye kiki ekyamutuuseeko?"

280 "Kati nno, mpa eky'okulya, Enjala enzita." Osobola okukikkiriza?

281 N'amugamba nti, "Miriyamu! Ono maama wo ne taata wo ffe tukubuuza. Omwana ali ludda wa?" [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti emirundi esatu—Omuk.]

282 N'agamba nti, "Maama, nkugambye. Omwana, mmulabye, era ali bulungi. Kati, maama, nfunira eky'okulya; nze enjala ennuma. Nkugambye, enjala e—enzita." Nga bw'obeera nga ovudde ku ssomero, nga bwe mumanyi; ha, obeera oyagala kimu kyokka kya kulya.

Kye, yava agenda n'amufunirayo ka sandiwiici. N'amugamba nti, "Kati mbuulira."

283 N'akalya be, "Yum, yum, yum," nga bw'alya, nga bwe mumanyi, bw'atyo. N'agamba nti, "Maama?"

N'amugamba nti, "Nkuwulira, naye kiki ekyatuuse ku mwana?"

284 "Kati," n'agamba nti, "maama . . ." N'amunyumiza ebyabaddewo. N'amugamba nti, "Maama, genda ojjeyo engoye zo ezisinga okuba ennungi, opakire ensawo yo ey'engoye, kubanga ggwe ogenda okulabirira omwana." O! O! O!

"Ekiki?"

285 Bw'omuwaayo, ojja kuddamu omufune. Si bwe kiri? Bw'otamuwaayo, ojja kumufiirwa. Bw'omuwaayo, n'omufiirwa, ojja kumufuna. Si bwe kiri?

286 Omuto Miriyamu nga bw'amalawo eky'okulya kye. N'amugamba nti, "Yee." N'agamba nti, "Ogenda mu lubiri olwa leero. Ate si ekyo kyokka, naye ogenda, kubeera, osasulwa ddoola ebikumi bisatu buli wiiki, bakuwe n'ebisenge eby'okusulamu ebisingayo obulungi mu ggwanga, olabirire omwana wo gwe weezalira."

287 Gwe mulundi ogwasookera ddala mu byafaayo by'ensi yonna okusasula maama okulera omwana we gw'azaala. Mulaba engeri Katonda gy'akikolamu? [Ow'oluganda Branham akuba mu ngalo emirundi esatu—Omuk.] Aleruuya! Alere omwana we, bw'afuna ddoola ebikumi bisatu buli wiiki, n'ebisenge ebisingayo okuba ebirungi mu ggwanga. Katonda

akola ebintu, si bwe kiri? Kisasula okusaba? [Ekibiina kiddamu nti, “Weewaawo.”] Kirungi okusaba? [“Amiina.”]

288 Kati, n’ategeka ensawo ye ey’engoye. Leka twanguweko, tugenda kumaliriza mu ddakiika ntono. Kale tu. . . N’ategeka ensawo ye ey’engoye, baabo ne batandika olugendo, mu bwangu ddala nga bwe basobola. Era ekyaddirira, n’atuuka; n’asanga omukuumi omunene ow’amaanyi nga ayimiridde nga akutte effumu eddene, n’abuuza nti, “Ggwe ani azze?”

N’addamu nti, “Ekkabi n’entuumu y’omuddo.”

“Yitawo.” Mulaba engeri Katonda gy’akolamu ebintu?

289 N’atuuka ku mukuumi omulala. N’amujjirayo ekitala, n’amubuuza nti, “Ggwe ani? Ggwe ani azze?”

N’addamu nti, “Ekkabi n’entuumu y’omuddo.”

N’amugamba nti, “Yitawo.” Bannange! Mulaba engeri Katonda gy’akolamu ebintu?

290 Ne yeeyongerayo munda, nga bw’agenda atunulatunula mu lubiri; n’ayambuka, nga ab’olulyo olulangira bonna bwe bajja, ne basowolayo ebitala byabwe. “Ani oyo azze?”

N’agamba nti, “Ekkabi n’entuumu y’omuddo.”

“Yingira.”

291 Ekyaddirira, ne wajja omusajja, n’amubuuza nti, “Ye ggwe muwala ow’ekitiibwa gw’alindiridde?”

“Weewaawo.”

292 “Era ono ye mulezi w’omwana gwe baalonze enkya ya leero?”

“Weewaawo.”

293 N’agamba nti, “Kale, mumuyingize munda.” Ne bayingiza omwana munda. . . manya ne bayingiza maama munda.

294 Bw’atyo—bw’atyo o—omumbejja n’avaayo, n’amubuuza nti, “Olina ky’omanyi ku baana abawere?”

N’agamba nti, “Weewaawo, ow’ekitiibwa.”

N’amugamba nti, “Tunuulira omwana ono. Talabika bulungi?”

“Weewaawo, ow’ekitiibwa. Weewaawo.”

N’amubuuza nti, “Omanyi bwe bayonsa omwana?”

“Weewaawo, ow’ekitiibwa. Mazima.”

295 “Kale,” ne bagamba nti, “nja kukuwanga, omusaala gwo gujja kuba, gwa ddoola ebikumi bisatu buli wiiki.” Hum! Katonda teyali mulungi? Era n’amugamba nti, “Era olina ebisenge ebisulwamu ebisingayo obulungi mu lubiri, era bajja kukuleeteranga eky’okulya. Tekijja na kukwetaagisa kufuluma kwefumbira mmere.” N’amugamba nti, “Kati, omwana wuuno, weegendereze. Tomusuula wansi.”

"Ha, teweeraliikirira, sijja kumusuula wansi. Teweeraliikirira, sijja kumusuula wansi."

"Mulabirire bulungi nnyo."

296 "Teweeraliikirira, ŋŋenda kukikola. Agenda kulabirirwa mu ngeri esingayo obulungi." Weewaawo, yali mwana we, mukiraba. "Ŋŋenda kumulabirira mu ngeri esingayo obulungi."

"Okiraba nti mwana mulungi nnyo?"

"Mulungi nnyo," bw'atyo bwe yagamba.

"Kale."

297 Oluggi ne luggalwawo, eri Miriyamu, ne maama we, n'omuto Musa. Oluggi bwe lwaggalwawo, n'atunulatunula. N'agamba nti, "Tsk-tsk-tsk! Bambi alowooza mbu oli mwana *we*. Ha-ha-ha-ha-ha!" Ha, bannange! N'amusiisiitira.

298 Kiki kye yali akoze? Ya. . . Ssinga teyamuwaayo, kiki kye yandikoze? [Ekibiina kiddamu nti, "Yandimufiiriddwa."—Omuk.] Kubanga, yamuwaayo eri Oyo Eyamumuwa, era mu ekyo yakola (ki?) yamuzuula, era n'asobola okumukuuma. Kaakati kiki ekibaawo bwe tufiirwa. . . manyanga bwe tutawaayo mmeeme zaffe, kiki ekibaawo? ["Tujja kuzifiirwa."] Tujja kuzifiirwa. Naye bwe tuziwaayo eri Oyo Eyazituwa, kiki ekinaabaawo? ["Tujja kuzisigaza."] Tujja kuzisigaza. Bwe kiri?

299 Bameka ku mmwe abandyagadde okujja wano ku wolutaali musabe? Mwandyagadde okukikola? Wandyagadde Yesu akulabirire nga bwe Yalabirira bali, n'omwana oyo omuwere? Watya. . . Leka ffenna, abaana abato, tukuŋŋaane wano ku wolutaali kati. Munaakikola? Mujje wano eno, tufukamire wano ku wolutaali. Tusabe, mmwe mwenna. Mmwe mwenna abaana abato mujje wano mu maaso. Emboozi yange eno mujaagadde? [Ekibiina kiddamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Mugyagadde? Kale, kati mujje mu maaso wano ku wolutaali. Kati mujje. Mwenna abaana abato mujje, mufukamire wano ku wolutaali, mufukamire bufukamizi awo wennyini ku—ku wolutaali. Ky'ekyo. Mmwe mwenna abali emabega, mujje wano mu maaso kaakano, tugenda kusaba. Kale. Mmwe abaagala okujja musabe. Mujje mu maaso mufukamire wano ku wolutaali. Bwe kiri. Kati, ekyo kirungi. Ekyo kirungi nnyo.

300 Kati, bamaama, nammwe, mwandyagadde okujja, ne ba taata, mwandyagadde okufukamira mu lukuubo?

301 Kati njagala mbeeko ne kye mbabuuza mmwe abaana abato abali wano. Mulabeeyo. Mukkiriza nti Yesu abaagala nga bwe Yayagala Musa? Mukkiriza nti Bamalayika babakuuma bwe bati? Kaakati, Katonda yakuwa emmeeme, si bwe kiri? Kati, emmeeme yo bw'ogyesigaliza n'otagiwaayo, kiki ekinaagituukako? [Abaana baddamu nti, "Kugifiirwa."—Omuk.] Ojja kugifiirwa. Naye ate bw'ogiwaayo eri Yesu enkya ya leero, kiki ky'onaaba okoze? ["Kugikuuma."] Obeera ogenda—

ogenda kugikuuma. Oyagala kugirokola. Kati wandyagadde okulokola emmeeme yo, si bwe kiri? Era mwagala mukule mufuuke bamaama bennyini n'abakyala bennyini, si bwe kiri; n'abasajja bennyini, ababuulizi, n'ebirala? Ekyo tokyagala? Kaakati, bw'oba okyagala, olina okuwaayo emmeme yo eri Yesu. Eno y'engeri y'okukikolamu. Gamba nti, "Ayi Yesu, kino kye kyokka kye nnina kye nsobola okukuwa, ye mmeeme yange, naye Ggwe nkuuma nga bwe Wakuuma Musa."

302 Kati, bwe wabaawo abamu ku mmwe abakulu abaagala okujja, nammwe mufukamire, abamu ku mmwe bamaama, oba oli awo, naawe wandyagadde okujja ofukamire wano enkya ya leero. Naawe, osobola okujja, n'okikola. Bw'oba oyagala, naawe jangu, ofukamire wano eno. Ekyo kirungi. Waliwo wano maama ajja ne katabani ke. Waliyo omulala yenna?

303 Taata, taata, omulala yenna, nga wandyagadde obeere omusajja omusabi nga Amulaamu bwe yali, naawe, jangu, ofukamire.

304 Maama, bw'oba wandyagadde okuba nga Yokebedi, kale, naawe, jangu, ofukamire.

305 Mazima, kya buli omu. Kubanga (Lwaki?) naawe, olina emmeeme. Bw'otagiwaayo, kiki ekinaabaawo? [Ekibiina kiddamu nti, "Kugifiirwa."—Omuk.] Kugifiirwa. Ate singa ogiwaayo eri Oyo Eyagikuwa, kiki ekinaabaawo? ["Kugirokola."] Ojja kugirokola, okutuusa mu Bulamu obw'emirembe egitaggwaawo. Bwe kiri. Kaakati, temujje ne mukuŋŋaana wamu wano, mmwe mwenna abaagala, tusabire wamu n'abaana bano abato, era wamu naffe, fenna kaakano.

306 Olunaku lwa Maama, olunaku olulungi ddala. Era oba oli awo akawungeezi, nnyinza okukyusa eky'okuyigako kyange ne ŋŋenda mu maaso ne njogera ku maama oyo kye yakola, maama oyo bwe yakola. Ye yatendeka mutabani we omuto okukulembera Isiraeri yenna okugenda mu nsi ensuubize. Ha, yali maama yennyini. Teyali maama yennyini? [Abaana bagamba nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kati, naawe, olina maama omulungi, era maama wo akusabira. Yali taata yennyini. Era taata akusabira. Era kati ffenna tugenda kusaba wamu, era tusabe Yesu atuyambe.

Ow'oluganda Neville, osobola okujja, n'ofukamira wamu naffe?

307 Kale leka fenna tukoteke emitwe gyaffe, buli wamu wonna. Kati Mwannyinaffe Gertie . . . [Omukubi w'ennanga atandika okukuba oluyimba olwo olugamba nti *Mubayingize Munda*—Omuk.]

308 Kitaffe Omwagalwa ow'omu Ggulu, emboozi eno entonotono leero, ekwata ku biseera ebyayita edda, taata omutuufu ne maama omutuufu, omukkiriza omutuufu, bwe bajja gy'Oli ne bakusinza. Baakukkiriza. Waaliwo obuzibu mu ggwanga

ekiseera ekyo. Era tumanyidde ku ki oba nga tewali Musa ow'omulembe guno nga afukamidde wano enkya ya leero! Tumanyidde ku ki oba nga taliiwo, n'omuto Miriyamu nga afukamidde wano enkya ya leero, nnabbi omukazi!

309 Ayi Kitaffe Omwagalwa, abaana bano abato bakwagala, era bazze, bafukamidde ku musalaba, nga bakitegeera nti balina emmeeme erina okulokolebwa, era bagiwaayo gy'Oli mu kaseera kano. Kubanga twakamala okusoma mu Kigambo Kyo nti, "Bw'ogiwaayo, oligifuna; naye bw'otagiwaayo, oligifiirwa." Era, Kitaffe, emmeeme zaabwe tebaagala kuzeesigaliza. Tebaagala kubeerawo ku lwabwe. Baagala kuwaayo mmeeme zaabwe gy'Oli, kibeere nti, bwe baziwaayo, bafuna Obulamu Obutaggwaawo. Kikkirize, kikkirize, ayi Mukama.

310 Wa omukisa abalenzi n'abawala bano abato bonna abali ku wolutaali. Wa omukisa ba maama ne ba taata abali wano enkya ya leero. O, leka ekisa Kyo n'okusaasira bibabeereko bonna. Tusonyiwe, ayi Mukama, ebibi byaffe byonna n'ensobi zaffe. Jjawo endwadde mu makkati gaffe.

311 Weereza Bamalayika! Aleruuya! Ayi Katonda, Ggwe Eyalagira Gabulyeri, ne Bamalayika omutwalo mulamba babeere bulindaala, Bamalayika bameka abasinga ku bali abazze bwe balabye abaana bano abato nga bafukamidde ku wolutaali eno enkya ya leero! Buli wamu wonna, ku wolutaali eno ne mu kkanisa eno, wayimiriddewo Bamalayika ba Katonda. Malayika awandiika ali wano, nga awandiika amannya gaabwe mu Kitabo. Bawaayo emmeeme zaabwe, basobole okuzifuna mu Kristo! Kikkirize, ayi Mukama.

312 Nsaba, okuva leero, okweyongerayo, obulamu bwabwe bubeere bulungi era buwombeefu. Nsaba babeere abaana abawulize eri bazadde baabwe n'eri Kitaffe ow'omu Ggulu, okutuusa olunaku lw'Olibayita okugenda Eka. Baluŋŋamye mu kabaya kaabwe kano, okuyita mu buli kateebe. Buli mulundi lwe kabaako we kawagamira mu busikosiko, leka Bamalayika ba Katonda bakasindike kagende awali amazzi agakulukuta ag'okwagala kwa Katonda. Kikkirize, ayi Mukama. Era ku nkomerero y'olugendo, leka bafune Amaka agajjudde okwagala, ne ba maama baabwe n'abagalwa baabwe eri mu Kitiibwa, Katonda gy'ayimirira mu mulyango okubaaniriza, ku lunaku luli. Kikkirize, ayi Kitaffe.

313 Tusonyiwe ebibi byaffe byonna n'okusobya kwaffe. Era otuyambe okuva leero okweweerayo ddala gy'Oli. Tuwaayo abaana bano abato mu mikono Gyo kaakano. Wamu ne ba maama bano abali nabo, ayi Mukama, babeere ba maama abatuufu ku Lunaku lwa Maama luno, ekiseera kino eky'ekijjukizo ekyaweebwa ba maama. Era nsaba, okuva olwa leero, babeere ba maama abalungi okusinga bwe babadde. Nsaba abaana babeere abaana abalungi okusinga bwe babadde.

Nsaba ffenna tubeere balungi okusinga bwe tubadde, ayi Mukama, era tweyongere okukuweereza mu ngeri ey'amaanyi okusinga ku bwe tubadde tukuweereza. Kituwe, ayi Kitaffe, kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Kati leka tuyimbeyo ekiddibwamu.

314 Mukkiriza nti Yesu yabalokola? Kati mwagala Katonda abakuume, nga bwe muyimirira? Yimusa omukono gwo gy'Ali, *bw'oti* kati. Njagala mukyukire taata ne maama, n'abalala bonna. Mukyuke mutunule *eno* bwe muti. Kati mulabeeyo, maama ne taata. Mmwe mwenna abawala n'abalenzi abato muyimirire. Kati, bameka abakkiriza Yesu nga Omulokozi wammwe, era nga ogenda kwesiga Yesu okuva kaakano okweyongerayo, okukulabirira nga bwe Yalabirira omuto Musa, leka tulabe emikono gyammwe. Buli omu ku mmwe. Ekyo kirungi! Kati kiki ekyabaawo? Bwe weesigaliza emmeeme yo n'otagiwaayo, okola ki? [Ekibiina kiddamu nti, "Ogifiirwa."—Omuk.] Ogifiirwa. Naye bw'ogiwaayo eri Yesu, kiki ekinaabaawo? ["Oligikuuma."] Oligikuuma. Kati, watya singa Yesu aba abalina enkya ya leero? Era nga kati muli ba Yesu, si bwe kiri? Muli balenzi n'abawala abato aba Yesu.

315 Tunuulira abato bano abayimiridde wano nga bakulukusa amaziga. Oyinza okuŋŋamba nti Katonda tabamanyi? Amiina. Abasajja n'abakazi ab'enkya! Muyimirire.

> Mubayingize munda mubajjeyo mu nsi ey'ekibi;
> Mubayingize munda, mubayingize munda,
> Muleete abato eri Yesu.

*O, Nga Yesu Mmwagala Nnyo*, kati ka tuluyimbe!

> O,

Mwenna.

> . . . nga Yesu mmwagala nnyo,

Tuyimuse emikono gyaffe kaakano.

> O, nga Yesu mmwagala nnyo,
> O, nga Yesu mmwagala nnyo,
> Kubanga Ye yasooka okunjagala.

316 Ekyo si kirungi? Kati, *Yesu Ayagala Abaana Abato Ab'Ensi*. Tuwe eddoboozi ly'oluyimba olwo, mwannyinaffe. Kati mwenna mukyuke mutunule eno, gye ndi, mmwe abawala abato. Njagala tuyimbe oluyimba olwo olugamba nti *Yesu Ayagala Abaana Abato Ab'Ensi*. Bameka abalumanyi? Kale, leka tuluyimbe.

> Yesu ayagala abaana abato,
> Abaana b'ensi yonna;
> Abamyufu n'aba kyenvu, abaddugavu n'abeeru, bonna ba muwendo nnyo mu maaso Ge,

Yesu ayagala abaana b'ensi yonna.

317 Kati, kaakano mwenna muli mu magye. Ekyo mubadde mukimanyi? Mukimanyi nti muli mu ggye lya Katonda? Kati, muntunuulire kati. Muyimbe wamu nange oluyimba luno kati, kubanga kati muli basirikale. Ekyo mukimanyi? Abasirikale ab'omusaalaba! Kati, *Nnyinza Obutakumbirako* . . . Olwo mulumanyi? Kale. Kale, lwa biseera bya dda nnyo, luyimba lwa Ssande sukuulu olw'edda lwe nnayiga.

Nnyinza obutasobola . . .

Kati, mungoberere kye nkola kati. [Ow'oluganda Branham abaako ebikolwa by'akola nga bw'ayimba nti *Ndi Mu Ggye Lya Mukama*—Omuk.]

Nnyinza obutakumbirako mu ggye ery'oku ttaka,
Oba okwebagala embalaasi, wadde okukuba emmundu ennene;
Nnyinza obutabuuka waggulu wa mulabe,
Naye ndi mu ggye lya Mukama.

Ndi mu ggye lya Mukama,
O, ndi mu ggye lya Mukama!

Muyimbire wamu nange kati. Fenna wamu kaakano. Kati!

Nnyinza obutakumbirako mu ggye ery'oku ttaka,
Oba okubeera mu abo abavuga embalaasi, oba okukuba emmundu ennene;
Nnyinza obutabuuka waggulu wa mulabe,
Naye ndi mu ggye lya Mukama.

318 Mulowooza musobola okuluyimba mwekka? Jangu wano, muwala, jangu wano. Kati njagala mwenna mukole nga bwe nkola. Mujje wano emabega wa wolutaali, kati. Mujje waggulu wano. Buli omu ku mmwe, mujje wano wendi, mulaba. Mujje wano eno; tewabaawo asigala nga tavudde ku wolutaali. Mujje wano eno wendi. Ky'ekyo. Bwe mutyo. Ku mukono ogwa ddyo *bw'oti*. Kati kyuka *bw'oti*, tunuulira ekibiina, *bw'oti*. Ky'ekyo. Njagala mbalage abaana abato abalenzi n'abawala kye bakola nga bamaze okutegeera Yesu. Kati, mudde emabega wano, abalenzi n'abawala. Kati muli . . . Ky'ekyo. Kati mutunule erudda eri.

319 Kati bwe ŋŋamba nti, "Nnyinza obutakumbirako mu ggye," nga . . . "kumbirako mu ggye ery'okuttaka," nga nammwe, mukumba. Bwe ŋŋamba nti, "Nnyinza obuteebagala mbalaasi," nga nammwe mukola ekintu kye kimu kye nkola. Kati musembereyo okuva wendi, musembereyo ddala, mwegazaanye. Emabega eri, emabega ddala, kati mwetegese. Kaakati leka, tuluyimbe. [Ow'oluganda Branham n'abaana bakola ebikolwa nga bwe bayimba—Omuk.]

Nnyinza obutakumbirako mu ggye ery'oku ttaka, (Mwetegereze!)
Oba okubeera mu abo abavuga embalaasi, oba okukuba emmundu ennene;
Nnyinza obutabuuka waggulu wa mulabe,
Naye ndi mu ggye lya Mukama.

O, ndi mu ggye lya Mukama,
Ndi mu ggye lya Mukama! (Mwetegese!)

Nnyinza obutakumbirako mu ggye ery'oku ttaka,
Oba okubeera mu abo abavuga embalaasi, oba okukuba emmundu ennene;
Nnyinza obutabuuka waggulu wa mulabe,
Naye ndi mu ggye lya Mukama.

320 Amiina! Kale mulekere awo. Ekyo bameka abakyagala? Mugambe nti, "Amiina."

321 Kaakano, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, wa omukisa abaana bano abato olwa leero. Babo, ayi Mukama. Bawaddeyo obulamu bwabwe gy'Oli. Bawulidde emboozi ya Musa n'engeri gye Wamukuuma. Bawulidde ku maama omulungi ne taata omulungi abaabayamba ne babakuza. Era n'abaana bano bwe batyo balina ba maama ne ba taata abalungi. Era nkusaba, ayi Kitaffe, Obakuume era obakulembere mu lugendo lw'obulamu, era leka Bamalayika ba Katonda babakuume. Bawe. . .Era obeere awaaniririzibwa ku nkomerero, okubaaniriza mu kiseera eky'enkomerero, ayi Mukama, okuyingira mu Bwakabaka Bwo. Tusabye mu Linnya lya Kristo. Amiina.

322 Kati musobola okuddayo mu bifo byammwe mubuulire taata ne maama nga bwe muwulira obulungi. Amiina.

323 "Ennaku z'okubulubuuta kwabwe zonna baakulemberwa." (N'olwo, olumanyi?)

. . . ez'okubulubuuta kwabwe baakulemberwa,
Baakulemberwa okutuuka mu nsi ensuubize;
Nga bakulemberwa omukono gwa Mukama nga gubaluŋŋamya buli wamu,
Ne batuusibwa ku lubalama lw'e Kanani.

Buli omu!

Akabonero ak'omuliro ekiro,
N'akabonero ak'ekire emisana,
Bwababeeranga waggulu, nga bubakulembera,
Nga bwe batambula mu lugendo lwaffe,
Binaabeera omuluŋŋamya era omukulembeze,
Okutuusa nga tusomose eddungu,
Kubanga Mukama, Katonda waffe, mu kiseera Kye ekirungi

Ku nkomerero alitukulembera n'atutuusa eri
ekitangaala.

324 Bameka abalwadde enkya ya leero abaagala okusabirwa? Leka tulabe emikono gyammwe. Engeri gye tuluddewo, ndowooza olukuŋŋaana lwaffe olw'okusabira abalwadde tujja kuba nalwo akawungeezi ka leero, mu kaseera kano leka tufune essaala, kubanga obudde buyise.

325 Emboozi eyo muginyumiddwa? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina!"—Omuk.] Mulowooza ebadde nnungi eri abaana abato? ["Amiina!"] Weewaawo. Emirundi mingi tu—tutera obutabafaako. Ekyo tetulina kukikola. Mulaba, sitera kufuna kakisa kusomesa Ssande sukuulu, kale enkya ya leero kabadde kaseera njogereko gye bali. Mbadde ssaagala kubakooya, naye ate mbadde njagala mbanyumize emboozi eno.

326 Mujjukire, mmwe abaana abato, ako si kagero ke musomako obusomi awantu wonna. Ago Mazima. Ago ge Mazima! Ekyo Katonda yakikola. Era kati Ali *nammwe*. Kale.

327 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe nga bwe tuyimba oluyimba lwaffe olutusiibula, mpolampola, "Twalanga Erinnya lya Yesu, nga engabo eri buli mulabe." Kale.

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Ggwe omwana ow'ennaku n'okunyolwa.

56-0513 Okuyigiriza Ku Musa
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org